# BUNO BWE BUSIRAAMU

## هذا هو الإسلام - أوغندي

جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات في الزلفي
هاتف: 164234466 966 ـ فاكس: 164234477 966

# هذا هو الإسلام

## أعده وترجمه إلى اللغة الأوغندية

## جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي

## الطبعة الأولى: ٨ /١٤٤٥ هـ


ح جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بالزلفي ، ١٤٤٥هـ

بالزلفي ، جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات
هذا هو الإسلام - أوغندي. / جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية
الجاليات بالزلفي ؛ جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات الزلفي
- ط١. .- الزلفي ، ١٤٤٥هـ
١٠٠ ص ؛ ١٢/١٧ سم.- (1 ؛ ١)

رقم الإيداع: ١٤٤٥/١٨١٠٧
ردمك: ٩-٣٠-٨٣٩٩-٦٠٣-٩٧٨

# BUNO BW'EBUSIRAAMU

## هذا هو الإسلام

Omuntu bw'afumintiriza ku nsi eno gyetuwangaaliramu n'alaba ensi engazi, ennungi enyoo, n'alaba eggulu ery'awundwa nemunyenye zaalyo nga nenyingi muzo zitambula nga zitambulira mu ntegeka ennungi ddala, n'alaba n'ensi, n'ensozi zaayo, n'emigga gyayo, n'emiti gyayo, n'ebimera byayo, nempewo yaayo, n'amazzi gaayo, enzizi zaayo, nennyanja zaayo, bino byonna omuntu ateekwa okwebuuza nti ani bino eyabitonda?

Era omuntu asaana yeebuuze nti ani oyo assa amazzi okuva mu ggulu gano getutwala nga g'amugaso nnyo eri obulamu bwaffe, era obulamu obutasobola kutambula nga tegaliiwo, era n'ameza nago ebimera n'emiti n'amatunda, era n'anywesa nago abantu n'ebisolo era n'azuukiza nago ensi oluvannyuma lw'okufa kwayo nga yonna ekaze gabeere nga gajikuuma?

kale ani oyo eyatonda omuntu era eyamutandikawo era n'amussa mukifaananyi ekisinga obulungi?

kati omuntu singa aba afumintirizza, abeera yeewuunya ku ngeri Allah gyeyatandikawo omuntu era n'obukugu mu kutondakwe. Tunuulira ebiyungo ebiri mu mubirigwo ebitundu ebyenjawulo nga bikolera ku nkola entegeke obulungi so nga n'ebimu

tomanyi mulimo gwebikola mu mubiri okujjako okulaba gwe nga otambula era okola emirimugyo.
Tunuulira empewo eyo gy’ossa n'okusika, singa eyimirira wadde akaseera akatono ennyo, kubanga tewali kubuusabuusa obulamu buba bugwawo buggwi, naye nga ani yateekawo empewo eyo?
Era tunuulira amazzi ago goonywa n’emmere gy'olya wamu n'ensi eyo kw'otambulira neggulu n'ebirimu era n’enjuba eyo ekuwa ekitangaala n’omwezi ne munyeenye ebintu ebyo, byonna ani yabitonda?
Mazima ekituufu nno eyatonda ebyo byonna ye Allah oyo omutonzi w’ensi yonna mu bw'omubwe era nannyini kugirabirira n’okugitambuza.
Kati bw'omala okutegeera ebintu ebyo kimanye nti yemuleziwo eyakutonda era akugabirira era akuwa obulamu era akutta kuba yeyakussaawo oluvannyuma lw'okubeera nga tewaliiwo, era nga bweyassaawo ensi eno nga teyaliiwo.
N’olwekyo, oluvannyuma lw’ebyo byonna, abaffe omuntu alina obwongo obulamu era obutuufu ayinza okulowooza nti bino byonna Allah yabitonda nga azannya buzannyi talina kigendererwa?, nti era abantu bazaala nebawangaala kuyo ebiseera ebigere oluvannyuma nebafa, ddala obwongobwo busobola okukkiriza nti bikoma awo nebiggwa?

Kale N'olwekyo omuntu asaanye yeebuuze nti obutuufu bw'ensonga eno bwebuliwa lwaki ddala twatondebwa?

## LWAKI TWATONDEBWA:

Katonda yatutonda lwa kumusinza nga tumwawula obutamugattako mulala yenna, era n'atutumira ababaka n'atussiza n'ebitabo tusobole okutegeera engeri y'okumusinzaamu. Omuntu amusinza n'agondera ebiragiro bye neyeewala eby'amuziyizibwa afuna okusiima kwa Allah. Ate oyo eyesamba amateekage era n'agaana okumusinza nga bweyalagira, oyonno aba asaanira ebibonerezo n'obusungu bwa'Allah. Kuba kyolina okumanya nti eno ensi Allah yagifuula enyuma, yaakukoleramu emirimu n'okugezesebwa.

Olunaku lw'enkomerero Allah agenda kuzuukiza abantu bonna babeere nga babalibwa era basasulwe. Allah yateekawo ejjana omuli ebyengera amaaso gebitalaba ngako era n'amatu gebitawulira ngako era omutima gw'omuntu gwebitalowooza ngako, nga bino byonna Allah yabitegekera abakkiriza abo abaamukkiriza era nebagondera ebiragiro bye.

Ate era yafuula omuliro ogwo ogujjudde buli kika kya binonerezo ebyo omuntu byatasobola nakufumintirizaako mu mutimagwe, Allah yabitegekera oyo eyamuwakanya era n'asinza omulala atali yye era n'agoberera enzikiriza etali y'abusiraamu.

# OBUSIRAAMU KYE KI?

Obusiraamu y'eddiini Katonda gyeyalonda yokka eri abantu b'ensi eno, era nga ddiini ekoowoola era neyigiriza omuntu okusinza Katonda omu yekka nga ayawulibwa obutagattibwako kintu kirala kyonna, n'okumugondera era n'okukkiriza nabbi Muhammadi (SAW)

Katonda talina ddiini yonna gy'akkiriza omuntu amusinzizeemu etali ddiini ya Busiraamu, ate eddiini eno telina gw'esosola nti y'ono yekka ate oli siyiye, nedda wabula eno ddiini y'abantu bonna.

Katonda muyo mweyasinziira nassizaawo abaddu be amateeka n'ebiragiro eby'enjawulo n'abalagira ensonga ezenjawulo era n'abaziyiza ensonga ezenjawulo. N'olwekyo oyo yenna anaamugondera mubyo agenda kubeera nga yeesiimye era nga awonye, ate oyo anaajeema agenda kubeera nga alabye era nga afafaganiddwa.

Obusiraamu buno ssi ddiini mpya wabula ddiini Katonda gyeyalondera abantu b'ensi eno okuva lweyatonda ensi obulamu buno nebutandika. Y'eddiini ababaka bonna gyebaakoowoolera ngako abantu okubeera nga bagikkiriza, kuba n'ababaka ne ba nabbi bonna baali Basiraamu era nga basinziza mu ddiini eno ey'Obusiraamu.

## EKY'AFAAYO KY'ENTANDIKWA Y’OKUTONDEBWA KW’OMUNTU

Kino nno kitandikira ddala okuva Allah lwe yatonda taata w'abantu bonna Adam (Alayihi ssalaam), bweyamutonda Allah nga amujja mu ttaka oluvannyuma n’amufuuwamu omwoyo era bweyamala n’amuyigiriza amannya g’ebintu byonna.

Oluvannyuma yalagira ba Malayika bamuvunnamire olw'okwongera okumuwa ekitiibwa n’okumugulumiza.

Bwebatyo bonna baavunnama okujjako Ibilisa (sitaani) yagaana neyeekuluntaza olw’ensaalwa gyeyakwatibwa ku Adam. Bw’atyo bweyakola ekyo Allah n’amujja (mu jjana) mu bwakabaka bw’eggulu omusanvu, yamujjayo nga munyomoofu nga agobaganyizibwa era n’amukomekkereza nakuba nga akolimiddwa, agenda kuwangaalira mu buzibu na nkomerero ya kumuyingiza muliro.

Ibilisa ono yasaba katonda alindirizibwe (okufa) okutuuka ku lunaku lw’enkomerero, Allah nakkiriza n’amulindiriza.

Naye omujeemu ono yeerayirira okubuza abaana ba Adam bonna abajje ku kkubo eggolokofu era ettuufu.

Kati oluvannyuma mu Adam Allah yatondamu mukyala we Hawa abeere nga Adam atebenkera gyali era amujje mukiwuubaalo. Allah yabalagira

bawangaalire mu jjana eyo ejjudde ebyengera omuntu byatalowoozanganako era n'abategeeza obulabe bwa Ibilisi ono bw'alina gyebali. Yabagaana okulya ku muti (ekibala) mu miti gy'omujjana nga Allah agenderedde kubagezesa, naye omulabe waffe ono Ibilisa n'ababuzaabuza era n'abawundira okulya ku muti ogwo ogwabagaanibwa, n'abalayirira nti singa munaalya ku muti guno, olwonno mugenda kuwangaalira mu jjana eno obutaviiramu ddala emirembe n'emirembe.
Teyalekayo kubabuzaabuza okutuusa lweyabasuula mu bujeemu nebalya ku muti ogwabagaanibwa bwebatyo nebajeemera omutonzi wabwe Allah. Oluvannyuma ekyaddirira baatandika okwejjusa nesekwejjusa yenna kw'ekyo kyebaakola era nebenenya eri Allah wabwe, ne Allah olw'obusaasizibwe n'abasonyiwa. Wabula n'abajja mu jjana n'abaleeta mu nsi, bwatyo taata waffe Adam nemukyalawe nebafuulibwa abatuuze b'akuno kunsi.
Allah yabagabira ezadde eryo eryagenda nga lyaala, era neriyinjiwala nerivaamu ebika n'amawanga okutuusa olwaleero. Naye era Ibilisa n'ejje lyayo, tebalekangayo kubeera mubulabe nabulumbaganyi eri ezadde lya Adam, esobole okubaziyiza okufuna ebirungi kuno ku nsi n'okuddayo mu jjana kitaffe gyebaali. Ky'ova olaba ekola kyonna ekisoboka

okutuwundira buli kibi tukirabe nga kirungi, n’okutwesambya buli kisanyusa Allah, n’etuwaliriza tukole ebitutwala mu muliro olunaku lw’enkomerero.
Naye Allah waffe omulungi teyetuleka ttayo, wabula yatutumira ababaka abo abatunyonnyola amazima era nebatuluŋŋamya kw’ekyo ekinaatuleetera okwesiima okwanamaddala.
Adam bweyafa, ezaddelye lyawangaala ebyasa kkumi nga abantu bonna bali ku kwawula Allah tebasinza kitali yye *(Tawuhiidi*) era nga bali ku nzikiriza ntuufu era nga bagondera amateeka ga Allah. Naye oluvannyuma wabbulukukawo (Shiriki) n’ebasinza ebirala ebitali Allah, nga bigattibwa ku Allah. Abantu baatandika okusinza amasanamu, bwatyo Allah n’atuma omubakawe eyasooka nga ye nabbi Nooh n’atandika okukoowoola abantu basinze Katonda omu yekka, beewalire ddala okusinza ebintu ebirara naddala amasanamu.
Bajja baddiriŋŋana ba nabbi n’ababaka oluvannyumalwe nga bonna bakowoola abantu okudda eri eddiini y’Obusiraamu nga nayo kwekusinza Katonda mu bw'omubwe n’okulekera ddala ebyo ebisinzibwa ebitali yye.
Oluvannyuma yajja nabbi Ibrahim n’akowoola abantube nga abasomesa obw'omu bwa Allah ate beewalire ddala okusinza amasanamu, baawule

Allah era yekka gwebaba bakolera buli kika kya Ibaada. Bwebutyo obwa nabbi bwe oluvannyuma bwagenda eri mutabani wa Ismael ne Isihaqa ne mu zzadde lya Isihaka ate mwo nemuvaamu ba nabbi abalala banji.

Era nga n'abasinga okubeera ba nabbi abaamaanyi mu zadde lya Isihaka, ye nabbi Ya-Aquub ne Yusufu ne Musa ne Da-Awuda ne Sulaiman ne Isah. Kati ate oluvanyuma lwa Isah tewali nabbi yaddyo kujja nga ava mu lulyo lwa Isihaqa. Naye oluvannyuma lwa banabbi abo betulabye bwe batyo obubaka bwakyuuka ate nebuddira mu ttabi lya Isimail nga Allah bweyasalawo n'alonda Muhammadi (SAW) abeere ow'enkomerero mu ba nabbi ne mu babaka, era bubeere obubaka bwe nga bwe bwenkomerero, n'ekitabokye Qur'an ekyo ekya mussibwako kibeere n'obubaka obwasembayo eri abantu okuva eri Katonda omulezi wabwe.

N'olwensonga eyo bwajja obubaka bwa nabbi (SAW) nga bubaka obujjuvu era obubuna eri abantu bonna n'amajjini era nga butwaliramu abawarabu nabatali Bawarabu, era nga bukola ku buli mulembe ne mubuli kifo namubuli mbeera. Tewali kirungi okujjako nga bwakitulagira era tewali kibi okujjako bwakitwewaza, era teri ddiini yonna ekkirizibwa eri Allah okujjako eyo gyeyajja nayo omubaka

Muhammadi (SAW) era gyebajja nayo ba nabbi banne bonna abaasooka betulabye.
Yatumwa nabbi Muhammadi (SAW) nga ali mukibuga Makkah, nga mu kiseera ekyo yali aweza emyaka amakumi ana. So nga bweyali tannatumibwa yeeyisa era nayisa abantube mu mpisa ezisinga okuba ennungi, ate empisa zino teyazikomya mu bantube bokka wabula n’eri abantu bonna. Era yalinga amanyiddwa nga omuntu ow'amazima era omwesigwa ow’empisa ezawaggulu ennyo okutuusa abantube lwebaamutuuma elinnya lya Al-Ameen (omwesigwa).
Nabbi yali musajja atamanyi kusoma wadde okuwandiika, wabula Allah n'amussaako Qur’an ey’ekitiibwa eyo Allah gyeyasoomoza nayo abantu bonna abakenkufu mu kusoma n'okuwandiika nti kale baleeteyo egifaanana.

# MUHAMMAD
# Ekikaakye N'obulamubwe

Mubufunze…

Ye Muhammadi mutabani wa Abdallah, mutabani wa Abdul-Mutwalib – mutabani wa Hashim nga ava mu zzadde lya nabbi Ismail, mutabani wa Ibrahim.

Ate maama wa nabbi (SAW) ye Amina muwala wa Wahab mutabani wa Abdu Manafi mutabani wa Zahra ne Zuhura muganda wa jjajja wa nabbi (SAW). Yawasibwa Abdallah taata wa nabbi (SAW) n'abeera naye ennaku satu muzo, mweyafunira olubuto lwa nabbi (SAW) era Aminah olubuto luno teyalufunamu buzito nga bulijjo abakyala bwebazitoowelerwa embuto.

Nyina yamuzaala nga alabika bulungi ate nga n'omubirigwe mulamu nnyo, nga nagwo gwali mwaka gwebitaano mwensanvu mugumu (571). Kitaawe yali yafa dda nga Nabbi (SAW) akyali mu lubuto, bwatyo n'amulera jjajjawe Abdul-Mutwalib era n'amuyonsako maamawe okumala ennaku satu. Oluvannyuma jjajjawe yasalawo nti agende ayonsebwe omukyala mubakyala b'omukyalo n'omukyala eyamuyonsa yayitibwanga Haliimat Asa-Adiyya.

Kuba yali nkola ya Bawarabu okuyonseza abaana baabwe mu byalo olw'okwagala bakule nga emibiri gyabwe migumu era nga miramu ddala.

Haliima ono mu kuyonsa omwana ono yalabiramu ebyewunyisa bingi ddala, nga n'ekyasooka mu byo kwekubeera nti bweyatuuka e Makka nebba nga bali ku nsolo yabwe eyali ennafu ennyo eŋŋonvu ennyo era nga entambula yaayo nayo nafu, mukuddayo yali Haliimah atadde nabbi (SAW) kubisambibye bamuvuga, kyewunyisa buli omu nga ensolo emisinde gy'ewenyuka, ekweebeza ezabannabwe bonna, so nga ezabwe mukujja zaali zimanyidwa mukudduka, bwebatyo bonna beewunya nga bebuuza kiki ekituseewo? Era ne Haliima yenyini agamba amabeerege gaali manafu nnyo mukuvaamu amata omwana gaayonka, era abaana beyayonsanga baalinga bafuna obuzibu olw'obutono bw'amata era nga ebiseera bingi babeera bakaaba olw'obutakkuta.

Naye kyabewunyisa nti omubaka (SAW) bweyayonka ku mabeere ge gaazimba negaleeta amata agaali amangi ddala. Haliima anyumya ne ku nnimiro yabwe gyebaalina mu ba bani Sa-Adi, nti bwebaafuna omwana ono ow'ekitiibwa nga bamuleese bamuyonse, ennimiro yatandika okubala emmere mu mbala etaali yabulijjo okutuuka nembeera y'ebyenfuna byabwe bweyakyuka nebava mu mbeera embi ey'obuzibu gyebaalimu nebadda mu mbeera ey'okwesiima.

Omubaka (SAW) yamala ewa Haliimah nga amulabirira emyaka ebiri era nga Haliimah yalinga akuuma nnyo omwana ono olukuuma olwa maanyi kubanga engeri gyeyalaba embeera nabiki ebimwetoolodde nga atya nti ayinza okubaako ekintu ekimutuukako omwana oyo. Era oluvannyuma lw’emyaka ebiri Haliimah yajja n’omwana ono e Makka n'amuleeta eri nnyina ne jjajjawe, naye Haliimah olw’ebyo byeyali alabye mu mwana ono nga n’embeeraye ekyuse, era n’emikisa gyalina nebirala, yasaba maamawe Aminah omwana ono amukkirize amuzeeyo agira abeera naye omulundi omulala. Era Aminah yakkiriza, bwatyo Haliimah naddayo muba bani Sa-adi n’omwana oyo mulekwa nga musanyufu nnyo era ajjudde okwesiima.

Oluvannyuma lw'emyaka ebiri emirala Haliimah yakomyawo omwana ono eri nnyina e Makka nga mukiseera ekyo awezezza emyaka ena bwatyo nyina n’amulabirira okutuusa lweyafa, nga olwo omwana yakaweza emyaka mukaaga jokka, kati olwo jjajjawe Abdul-Mutwalib naye n’amulabirira okumala emyaka naye ebiri ate naye n'afa, oluvannyuma kitaawe omuto Abu-Twalib n’amukuza era nga amutwala ng'omwana owuwe ow’omuntumbwe. Lwakuba nti ate yye bambi yali

mwavu. Era bwatyo nabbi (SAW) n'atawangalira nakumanyiira bulamu bw'abyengera nakweyagala.
Nabbi (SAW) yali yayiga okulunda embuzi nebagandabe mukuyonsebwa beyali yawangaala nabo mukyalo muba Bani Sa-adi, kye yava atandika okulunda embuzi z’abantu b'omu Makka, nga bwafunayo omusaala gwebamusasula, agutwala ewa taatawe omuto Abi-Twalib nebakozesa, era oluvannyuma yatambula ne taatawe omuto oyo nebagenda mu lugendo olwali olwebyobusuubuzi mu bitundu bye Sham. Mukiseera kino, Nabbi (SAW) yali alina emyaka kkumi nebiri (12).
Yaddamu olugendo lwelumu omulundi ogwokubiri, nga kuluno yali agenze n'emmaali y'omukyala ayitibwa Khadijah muwala wa Khuwailid. Omukyala ono yali omu kubakyala banaggagga ddala. Olugendo Nabbi (SAW) lw'amugendera bulungi, era ebyaluvaamu byewunyisa mukyala Khadijah, anti amagoba Nabbi (SAW) geyaleeta, gaali gakubisa mw’ago bulijjo baatuma gebaleeta! Bwatyo Nabbi (SAW) yeetabira ddala muŋŋendo z’ebyobusuubuzi e Sham era Khadijah yali mukyala nga yassamu emmaaliye nyingi.
Khadijah ono yali mukyala namwandu omugagga, era yalinanga omulenziwe eyayitibwanga *Mayisara* yeeyali omusigire we eyatambulira nga ku mmaali ye mu lugendo olwo nga y’akola kunsonga ezikwata

ku mmaali eyo. Naye ku lw’omukisa gw'omubaka Muhammadi (SAW) n’amazimage, eby’obusuubuzi bya Khadijah byafuna amagoba kwolwo agaali gatabangawo, olubereberye, kyava abuuza omuvubukaawe Mayisara nti kivudde kuki okufuna amagoba gano amanji ennyo bwegatyo? N’amuddamu nti Muhammadi mutabani wa Abdallah yeyatutte obuvunanyizibwa bw'okulaga abantu ebyamaguzi n’okutunda bwebatyo abantu bamweyunidde olweyunira lunene netufuna amagoba amangi ate nga tewali gwetulyazamanyizza. Bwatyo Khadijah yakakasa omulenziwe Mayisara kuba yali alina ebitono naye byamanyi ku Muhammadi (SAW) era Khadijah yeyongera okwewunya Muhammad (SAW).
Mu mbeera eyo wano Khadijah yegomba abe nga afumbiriganwa ne Muhammadi (SAW) era kyava atuma abamu kubeŋŋandaze amutuusizeeyo obwetaavu bwe gyali kunsonga eyo, mukiseera kino omubaka yali awezezza emyaka abiri mwetaano newabaawo omukyala eyajja gyali nga amutegeeza nga Khadijah bwamwetaaga amuwase.
Nabbi (SAW) naye yasiima era n'amuwasa, nebafuna buli omu okwesiima okwaali okwanamaddala, bwatyo wano omubaka Muhammadi (SAW) yatwala obuvunanyizibwa Bw'okuddukanya Ebyobugagga Bya Khadijah Era

Wano Nekujjula Okwenkanankana Kwabwe Nga Tewali Alaba Munne Nti Wawansi Naddala Ku Ludda Lwa Khadijah Eyali Naggagga.
Emyaka Bwegiyitawo, Bwatyo Khadijah Yatandika Okufuna Embuto Era Ng'azaalira Omubaka SAW Abaana N’amufunamu Abawala Baali Zainabu, Rukaiyah, Umu-Kuruthum Ne Fatwima Ate Bbo Abalenzi Baali Qaasim Ne Abdallah, bano abalenzi bbo baafa nga bakyali bato. Bwegityo bwegyasembelera okuwera emyaka amakumi ana (40) Nabbi (SAW) yali nga ayitiriza nnyo okubeera omu neyeyawula ku bantu n'agenda n’abeera mu mpuku eyitibwa Gaari_Hira-E nga empuku eno eri mu lusozi oluli ebuva njuba bw'ekibuga Makka. Eno yamalangayo ennaku eziddiriŋanye nga ali eyo asinza Katondawe. Naye mu kiro ekyabiri mw'olumu mu Ramadhan yali ali mu mpuku nga awezezza emyaka amakumi ana, Malayika Jiburiil yajja gyali namugamba nti soma, namuddamu nti nze simanyi kusoma. Era Jiburiil n’amuddamu omulundi ogw'okubiri nti soma, n’omulundi ogw'okusatu, naye ogw'okusatu n'amugamba nti soma nga bwekiri mu Surat Alaqi Aya (1 – 5)

اقْرَأْ بِاسْمِ رَبِّكَ الَّذِى خَلَقَ ﴿١﴾ خَلَقَ الْإِنْسَانَ مِنْ عَلَقٍ ﴿٢﴾ اقْرَأْ وَرَبُّكَ الْأَكْرَمُ ﴿٣﴾ الَّذِى عَلَّمَ بِالْقَلَمِ ﴿٤﴾ عَلَّمَ الْإِنْسَانَ مَا لَمْ يَعْلَمْ ﴿٥﴾

Agamba Allah nti: "*Soma erinnya lya Katondawo oyo eyatonda, eyatonda omuntu nga amujja*

*mukisaayisaayi, soma erinnya lya Katondawo ow'ekitiibwa, oyo eyayigiriza omuntu buli kintu nga amuyigiriza na kalaamu, yayigiriza omuntu ebyo byeyali tamanyi".*

Bwatyo oluvannyuma yamuvaako Jiburiil nagenda, wabula ne nabbi (SAW) teyasobola kugumiikiriza kwolwo kusigala mu Gaari Hiraae, yaddayo ewaka ewuwe nayingira eri mukyalawe Khadijah nga omutima gwe gujagaladde era nga gutidde n'agamba Hadijah nti mbikka – mbikka bwatyo Khadijah n'amubikka okutuusa okutya lwekwamuggwako olwo n'atandika okubuulira Khadijah ebimutuseeko, era n'amugamba nti mpulira ntidde nnyo ebigenda okuntuukako, Khadijah yamuddamu namugamba nti nedda ndayira Allah tayinza kukunakuwaza kuba mazima gwe oyunga eŋŋanda era oyamba kwoyo atalina kimumala n'omubeererawo n'obaako kyomwongerezaako era n'oyamba n'oyo atalina kyalina ate n'ogulumiza n'abagenyi era n'oyamba bonna kubizibu byabwe.

Bwatyo era oluvannyuma lw'ekiseera kitono nabbi (SAW) yaddayo mu mpuku agende mu maaso n'okusinza naye bw'amala okusinza yadda nakka wansi ng'ava mu mpuku asobole okudda e Makka naye abeera akyali mulusenyi wakati era yajja gyali Malayika Jiburiil nga atudde kuntebe wakati

w’eggulu nensi, n'amussaako obubaka nga bwagamba Allah mu Surat Muddathiru aya (1 – 5)

يَا أَيُّهَا الْمُدَّثِّرُ ﴿١﴾ قُمْ فَأَنْذِرْ ﴿٢﴾ وَرَبَّكَ فَكَبِّرْ ﴿٣﴾ وَثِيَابَكَ فَطَهِّرْ ﴿٤﴾ وَالرُّجْزَ فَاهْجُرْ ﴿٥﴾

Allah agamba nti *"owange gwe eyebikkiridde; situka otiise abantu ne Katondawo omutendereze era nengoyezo ozitukuze, n’obwononefu obusenguke”.*
Bwebutyo obubaka oluvannyuma bwagenda mu maaso nebujja nga bugoberegana, Allah n'amulagira Muhammadi (SAW) akowoole abantu eri okumusinza mubw'omubwe n’eri eddiini yobusiraamu eyo gyeyabalondera abantu bonna. Bwatyo yatandika nabbi (SAW) okukowoola abantu ne (Hikima) nga ateeka buli kintu mu kifo kyakyo ekituufu, era n’okubabuulirira n’ebigambo n’okubuulirira okulungi, bwebatyo baatandika okwanukula era nebamugobelera.
Eyasooka okumukkiriza yali mukyalawe Khadijah, ate mu basajja yali mukwanogwe Abubakar, wamu n’omwana wa taatawe omuto Ali Bun Abi Twalib mu baana, oluvannyuma beyongera abantu okuyingira obusiraamu era awo Abashiriku (abasinza ebirala ebitali Allah) nebayitiriza okumubonyabonya wabula yye nagenda mu maaso n’okukowoola abantu mu Makka emyaka kkumi n’esatu. Okubonyabonyezebwa kwasukka gyali neri ba

Swahababe (abaali bamukkirizza) bwatyo ye neba swahababe nebasenguka ne bagenda e Madina, era nagenda mu maaso ne da-awa (okukoowoola abantu) okutuusa lweyadda e Makka ate omulundi omulala era oluvannyuma lw'emyaka, abantu be Makka bonna nabo nebayingira mu Busiraamu.

Yafa oluvannyuma nga wa myaka nkaaga mw'esatu – emyaka ana mugyo nga tanatumwa ate abiri mw'esatu nga nabbi. Era kuyye Allah kweyakomya obwa nabbi n'obubaka okuva muggulu era nekiba kyatteeka okumugondera eri buli kitonde kyonna ekiyitibwa muntu, era oyo yenna amugondera agenda kwesiima kunsi ate era ayingire ne jjana ku nkomerero, ate oyo anamujeemera awangaalire mu kanyigo kuno kunsi ate ne kunkomerero ayingire omuliro.

luvannyuma lw'okufaakwe, Allah nga amujjuludde, baagoberera obuufubwe Ba swahaba era ne bagenda mu maaso okukowoola abantu badde eri Obusiraamu.

# EZIMU KU MPISA ZA NABBI MUHAMMADI (SAW):

Nabbi Muhammadi (SAW) yali muntu asinga abantu bonna empisa era nga okusukkulumakwe mu mpisa kuno kwava dda nga nobwa nabbi tanabufuna. Ate bweyafuna obwa nabbi, awo nezeyongera nga Allah bweyamutenda nazo nagamba mu suratu Kalam Aya (3).

Allah agamba nti *"mazima gwe oli wampisa ezawaggulu*".

Bwatyo omubaka (SAW) yali nga akowoola abantu nga abakubiriza okubeera n'empisa, wabula nga naye kenyini omubaka (SAW) yali nga ky'akulabirako ekirungi ennyo era ekinene eri Baswahaba be mu mpisa ezo zenyini z'akowoolelako abantu. Yasinga nga empisa ezirabwako wakati waba Swahaba wabula nga tanayogera kintu kyonna kikowoola muntu yenna ebikolwa bye n'ebigambobye byali nga byo byenyini bimala okusomesa, era nga bwagamba Anas mu Hadith nti: Agamba Anas nti

*"naweereza nabbi (SAW) emyaka kkumi, naye ndayira Allah teyaŋŋambako kintu kyonna kinakuwaza era teyaŋŋambako kukyenkoze nti lwaki okoze kino oba lwaki tewakoze kino?"*

Era agamba Anas mu Hadith endala nti: *"Nali ntambula ne Nabbi (SAW) nga alina ekitambaala ekiriko omudalizo nga mugumu ddala, n'amusisinkana omusajja omunnamalungu, n'amusika olusika olw'amaanyi, nentunula ku ntandikwa y'ebibegabega bya Nabbi (S.A.W) nga omudalizo gw'ekitambaala kye gumunuubudde olw'okumusika okwamaanyi kwebamusise. Oluvannyuma omunnamalungu n'amugamba nti: owange ggwe Muhammad, lagira bampe mu maali ya Allah eyo gy'olina. Nabbi (S.A.W) n'akyuka n'amutunuulira n'aseka era n'alagira bamuwe".*

Yabuuzibwa Aisha mukyala wa nabbi (SAW) nti kiki omubaka (SAW) kyeyalinga akola ewaka nga ali nebakyalabe? amakulu bwatabanga mukusomesa? Aisha yaddamu nti yali nga mu (khidima) yali nga ayambako bakyalabe mu mirimo gy'awaka naye esswala bweyatuukanga, nga afuna wudhu era ga agenda eri esswala.

Era Agamba Abdallah Bun Harith nti:

*"sirabangako muntu asinga omubaka wa Allah okumwenya",*

N'agamba Jabir nga bwekiri mu Hadith nti:

*"teyabuuzibwako nabbi (SAW) kintu kyonna naddamu nti nedda",*

era nekimanyibwa mu by'amuliko omubaka wa Allah nga bibuna mubyo yali nga musajja mugabi takodowalira kintu kyonna, era nga muzira teyekkiriranya ku mazima nebwokola otya, era nga mwenkanya teyekubiira nga mu mativu mubulamubwe bwonna, era yalinga asaaga nebaswahaba be era nga abegattamu era nga azanyako n'abaana babwe nga era abaana abo abatuuzako kubisambibye, nga bwebaba bamuyise ku mukolo ayanukula nagendayo, alambula nga n'abalwadde ate nga yali nga Baswahababe abayita amannya gabwe amalungi, nga tasaza mu muntu ayogera mbooziye wabula amuwuliriza nayogera n'amalayo. Agamba Abi Qatada mu Hadith nti:
*"Bwe kyajja ekibinja okuva e Habasha ewa Najjashi, yayimirira nabbi (SAW) abeere nga abaweereza (eby'okulya n'okunywa) naye Baswahaba be nebamugamba nti leka ffe tuweereze tujja kukumalira (amakulu gwe tuula omubaka wa Allah) n'agamba nti: mazima bano baali mikwano gyaffe egyebitiibwa nange njagala mbasasule.*
Era yali nga agamba nti *"mazima nze ndi muddu ndya nga n'abaddu abalala bwebalya, era ntuula nga omuddu omulala bw'atuula*", era yalinga yebagala ku ndogoyi, nga alambula abanaku nga babadde balwadde oba tebalwadde, nga atuula n'abo.

Amwogerako omu kubasajja abagezi omuzungu Tomas Kaarliyal mu kitabokye Al-Ibutwal nti yagamba webwatuuka kati buba obulimba n’obukonjezi obusaana okuzzayo eri buli muntu kumulembe guno singa agezaako okweyogeza eby'obutamanya byebogera abatamanyi nti eddiini y’Obusiraamu ya bulimba, nti era mazima Muhammad mukumpanya omujingirizi.

Era n’agamba omuzungu omulala Barnard Shaw mukitabokye "Muhammad" ekyo kyebwayokya obukulembeze bwe (Britain) Bungereza yagamba mukyo nti: “Mazima ensi yonna netaavu eri omuntu alina endowooza ya Muhammadi ono nabbi eyateeka eddiini ye bulijjo nga eri mu kifo mu mbeera egiweesa ekitiibwa era nga y'awaggulu era y’eddiini mu maddiini esobola okuzingako amadiini gonna emirembe n’emirembe, era nze ndaba bangi mu baana b’olulyo lwange bayingidde mu ddiini eyo okuviira ddala kubunyonyofu era eddiini eno egenda kufuna ekifo n’obuwanguzi kulukalu lwa Europe".

Era agamba nti: "Mazima abasajja banaddiini mubyasa ebyawakati babadde olw'obutamanya oba obusosoze bwe balina, batwala eddiini eno eya Muhammad nga bagiraga abantu nga eddiini embi era nga bagitwala nga ey'obulabe eri eddiini yekikuristayo era egiwalana. Naye nze ngoberedde ebikwata ku musajja ono nendaba ebyewunyisa

ebitali byabulijjo era nenkisanga nga tabangako mulabe eri Obukuristayo, wabula ateekwa kuyitibwa omulwanirizi omuteleeza w’obuntu munsi era mundaba yange singa abeera aweereddwa okukuulembera ensi olwaleero, yandibadde Katonda amusobozesa okumalawo ebizibu byaffe byetukaaba munsi olw'aleero ku lw'okuleeta emirembe n’okwesiima ensi byeyetaaga ennyo olw'aleero".

**MU BIMU KUBYAMAGERO BYE (SAW):**

Ekyamagero ekisinga obunene, mubyamagero bye (SAW) ye **Qur’an** eno eyekitiibwa eyo Allah gyeyalemesa nayo abantu bakakensa n'abasomooza okuleetayo wakiri esuula emu egifaanana wabula nga n'abakafiiri nabo baasoma okusomoozebwa okwo okukyaliwo n’okutuuka olw'aleero naye nakati bakyalemeddwa okugireeta.

Ekyamagero ekirala kwekumusomooza nabbi (SAW) nga asomozebwa n'abakafiiri be Makka bwe baamugamba nti; bwaba eddiini ye ey'obusiraamu ddala yamazima kale asabe Katondawe **omwezi** ogwo ffenna gwetulaba **gweyawulemu ebitundu bibiri**. Kino Nabbi (SAW) yakikola era omwezi negweyawulamu ebitundu bibiri ate oluvannyuma negudda mu mbeera yagwo.

N’ekyamagero ekirala kwe **kukwatakwe mu mazzi, amazzi negatandika okufukumuka** nga

gayita munnweze ez'engalo agabadde amatono negawera mangi ddala nga kino yakikola emirundi egyawerera ddala.
N'ekyamagero ekirala kwekuteeka akaggo mu bibatubye nekatandika okutendereza Allah.
N'ekyamagero ekirala kwekubuulirwa akakono k'enyama y'embuzi akaamutonerwa omukyala omuyudaaya nga akataddemu obutwa amutte nekamubuulira nti bantaddemu obutwa.
N'ekyamagero ekirala yamubuuza omusajja omunnamalungu amulageyo kuby'amagero, bwatyo omubaka (SAW) n'alagira omuti negujja gyali n'oluvannyuma n'agulagira neguddayo mukifo kyagwo.
Era n'ekyamagero ekirala kw'ekusiimuula kwe mu kibeere kyembuzi eyali enkovvu nga nakyo kikovvu era nga terinamu tuta twonna, naye bweyagisiimuula mu kibeere kyayo n'omukonogwe ogw'ekitiibwa, embuzi eno yafunirawo amata n'agikama naanywa era nanywesa ne mukwano gwe Abubakar.
Era n'ekyamagero ekirala kw'ekuwanda obulusu mu maaso ga Ali Bun Abi Twalib nga mulwadde era nga n'okulaba takyalaba naye olw'amuwandamu negalabirawo musaawa eyo yennyini.

N’ekyamagero ekirala, omusajja era omulala mu baswahaba bweyalwala amaaso yamusiimulamu nengaloze ez’ekitiibwa omusajja oyo n'alabirawo.

N’ekyamagero ekirala kwekusabirakwe Swahaba Anas Bun Malik Allah amuwe obuwangaazi obuwanvu, era amuwe nemmaali nnyingi, n’abaana bangi ate abimuteeremu emikisa, Allah n’ayanukula okusabakwe (SAW), Swahaba ono Allah n'amuwa abaana abaawelera ddala kikumi mu abiri (120) era nezibeera entendeze nga mu mwaka zibala emirundi ebiri (abalala gumu gwokka), era Swahaba ono n'awangaala emyaka kikumi (120)

N’ekyamagero ekirala, omu kubaswahaba yajja gyali nga ali mu Khutuba ya Juma asomesa, Swahaba ono n’amugamba nti owange omubaka wa Allah; mazima omusana gututta, ennimiro zikaze n’ensolo zaffe tezikyalina kyezirya tusabire Allah atutonnyeseze enkuba, bwatyo omubaka wa Allah nga kuggulu tekuli kire kyonna naye olw'asaba awo wennyini ebire by'atandika okw'ekunganya nebifuuka ng'olusozi enkuba nefukumuka eyali ennyingi ennyo okumalira ddala wiiki namba era ejjuma eyaddako nebamwemulugunyiza obungi bw’enkuba bwatyo era (SAW) n’awanika emikono gye egy'ekitiibwa n’asaba Allah enkuba nekya era abantu nebafuluma ebweru nebadda ewabwe nga bali mu musana.

Eky'amagero ekirala mu lutalo lw'ekiwonko (Khandaka) baali abantu abawera lukumi naye nga tebalina ky'akulya, Swahaba omu n’amuyita ewuwe abeeko nek'amuwa, Omubaka alyeko naye omubaka ye yajja n'abantu bonna bwatyo n'abaliisa akamere ako akaali akatono ennyo nga ŋŋaano na nyama, nebalya ebibinja n’ebibinja nga bwebifuluma okutuusa bonna lwebaalya era nebakkuta nga emmere terina kyekendeddeko.
N’ekyamagero ekirala kw'ekufuluma kw'abantu abaali bawera ekikumi mubakafiiri b'eMakka era nebeetoolola enjuuye nga baagala okumutta wabula n'afuluma n'abayitako nga beebase n’abayiira nettaka mubyenyi byabwe n'agenda nga tebamulabye (SAW).
Era n’ekyamagero ekirala, lumu omusajja omukuffaru ayitibwa Suraaqa Bun Maliki yamugoberera nga amuwondera ayagala okumutta naye bweyali anaatera okumutuukako omubaka (SAW) n'amusabira edduwa ensoloye amagulu gaayo negakka muttaka n'etasobola kugenda mu maaso.
N’ebyamagero bye omubaka bingi nnyo ddala naye kyetubiyigamu nti byonna Allah yabituleetera tusobole okukakasa olukakasa olwanamaddala nti ono mubaka wa Allah.

# ENSIBUKO N'EMISINGI GY'EDDIINI Y’OBUSIRAAMU:

## OKUKKIRIZA ALLAH:

Obukkiriza obutuufu mu Allah gw'emusingi gw’eddiini y’Obusiraamu nga nakwo kw'ekukkiriza okwokkakasiza ddala okuberayo kwa Allah era n’okakasa nti Allah yemulezi wabuli kintu era omufuzi waakyo, era addukanya ensi eno yonna yekka nga talina amwegattako wadde omuyambi, era n’okkiriza nti nga bweyeyawulidde mu kutonda ebintu ebyo n’okubifuga wamu n’okubiddukanya yekka era bwatyo y’ateekwa okusinzibwa yekka mu bw'omubwe nga tagattibwako kintu kirala kyonna. Era n’okkiriza nti yekka y'atendebwa n’amatendo amajjuvu gokka era atatekebwako bukendeevu bwonna, era atafaananyizibwa nabitonde.

Era omuntu bw’atunula mu nsi n’alaba ebitonde ebirimu, kino kyokka kimumala okumanya n’okkakasa nti tebisobola kubeera nga byetonda byokka era tebisobola kubeera nga byabeerawo ewatali yabitonda ekyonno kiraga nti omutonzi wabyo ye Allah.

# OKUKKIRIZA BAMALAYIKA:

Bamalayika bano bitonde eby'ekwese ebitalabwa na maaso wabula nabo baatondebwa era nga basinza Owekitibwa Allah omugulumivu era tebalinaamu bw'akatonda bwonna wabula nabo bitonde butonde era tebalinaamu mugabo gwonna mu kubeera nga nabo basinzibwa wabula nabo bateekwa kusinza oyo omutonzi w'ebitonde Allah era nabo yeeyabatonda. Y'ensonga lwaki Allah yabawa okuteeka mu nkola amateeka ge olutekamu olwannamaddala n’okugondera ebiragiro bye olugonda olwannamaddala ‘obusobozi obungi mukubituukiriza ebyo byonna. Bwatyo omukkiriza ateekwa okubakkiriza nti nabo bitonde eby'atondwa ate mubungi era teri amanyi muwendo gwabwe okujjako Allah.

Era bwetutyo tuteekwa okukkiriza abo betwamanya amannya gabwe mubo nago netugakkiriza nti beebo era ago gemannya gabwe gamba nga Jiburiil, Malik, Mikaael n’abalala, era tuteekwa okukkiriza ebyo byetwamanya mubitendo byabwe n'emirimo gyabwe.

# OKUKKIRIZA EBITABO:

Omusiraamu yenna ateekwa okukkiriza nti mazima Katonda yassa ebitabo kubamu kuba nabbi be n'ababaka abasooka, babeere nga banyonnyola abantu amazima n’okugakowoolerako abantu. N’ebitabo ebyo bye bitabo nga **Taurat** ne **Injiil** nga Tawurat yassibwa ku nabbi Musa ate Injiil n’essibwa ku nabbi Isa ate **Zabuur** yo n’essibwa ku nabbi Dauda era bwatyo ateekwa okukkiriza **Qur’an** eyo eyassibwa kuwenkomerero muba nabbi nemubabaka Muhammadi (SAW), era Qur’an eno bw'ebubaka bwa Allah obwenkomerero eri omuntu, era Allah takkiriza mulimo gwa muntu yenna okujjako ogwo Qur’an gweyajja nagwo, era Qur’an eyo, yeyazingako n'obubaka bwayo nebuba nga bwebutwala obulala bwonna obw'asooka, nga bukakasa okujja kw'abuno obwa Qur’an. So nga bwo buno obubaka obwa Qur’an bulina enkizo nti Allah yeyimirila okubukuuma buleke kuyingiramu kukyusibwakyusibwa kwonna kuba ekyo kiba ky'ekimu kw’obwo obwasooka obwakyusibwakyusibwa naabo abaali benonyeza ebyabwe mu dduniya eno eyakaseera akatono kuba obwo bwo Allah yali teyabussaako bweyimirize eri okubukuuma, nga bweyassa ku Qur’an. Era Qur’an eno yajja nenjogera eyempisa n'ebifaananyi ebirungi n’okunyonnyola era n'ereeta amateeka

n’okulamula okusuffu mubwenkanya, era nga ddala okulaba nga kwabwa Katonda, era nenyonnyola ku bintu ebitalabika ebitwekwese nga ereeta ebintu ebitamanyiddwa muntu yenna mu bantu era nga tewali n'ayinza kubisika mubwongobwe omuntu nga y’abyetegeeredde yekka.
Qur’an mu nkola yaayo, eteekawo amateeka agaali g'eyolese naye nga gaali tegamanyiddwa muntu yenna kumulembe gwa nabbi Muhammad (SAW) wadde ku mulembe ogw'agobererwa omulembe gwe era kumirembe egyaliwo emabega w’ogwo ogw'agobererwa ogugwe emabega emirembe nga kkumi, era nga kino kiraga nti gano amateeka tegeeyoleka emabega emyaka lukumi mubisatu okujjako kati nga nabbi muhammadi (SAW) amaze okutumwa.
Ekitabo kino Qur’an nekibeera kyankizo era ekyamagero nga bwetwalabye nga Allah yasomooza nakyo bakalimagezi abaali abayiiya ennyo abatontomi n'abagamba nti kale bayiyeeyo ekikifaanana oba kale baleeteyo essura emu yokka efaanana essuura zakyo naye kino ky'abalema okutuusa olwaleero so nga nakuno okusomoozebwa kukyaliwo n’okutuuka olw'aleero. Era okusomooza kwa Qur’an kukakafu era tekuli munjatula zayo zokka wadde mu mawulire gaayo gokka nga etunyonnyola ebitwekwese byetutalaba n’amaaso

ate era simumateeka gaayo gokka wabula mu buli kintu.

## OKUKKIRIZA ABABAKA:

Omusiraamu yenna alina okukkiriza nti ababaka bano Allah yabatuma olw'omulimo omunene nga nagwo kukowoola abantu eri okusinza Katonda omu yekka atagattibwako kintu kirala kyonna era babeewaze abo abakowoolebwa nabo okubeera nga bamugattako ebisinzibwa ebirala. Omukkiriza ateekwa okukkiriza nti ababaka bano nabo bantu ng'abantu abalala tebalinamu bw'aKatonda bwonna nti nabo basinzibwa. Wabula balina embeera z'abantu, gamba nga; nti betaavu eri okulya n'okunywa, n'okulwala balwala, n'okufa nebafa.
Era omukkiriza omutuufu ateekwa okukkiriza nti bbo by'ebitonde ebisinga obulungi mu maaso ga Allah kuba era Allah yabalonda n'abafuula ab'enkizo bweyabassaako obubaka (kinonno ky'akuyiga eri abakkiriza mwenna mbasomesa bulijjo nembagamba nti abamanyi b'Obusiraamu Ba sheikh bamwe mwagala temwagala muteekwa okubawa ebitiibwa ewamu n'obukendeevu bwabwe kuba nabo bantu bagwa mu nsobi, so nga tetubawa kitiibwa nti olw'okuba balungi nnyo, banene, bawanvu nnyo nedda, wabula kino kyennyini eky'afuula ababaka okubeera abenkizo era abasinga obulungi mubitonde

bya Allah olw'okuwebwa obubaka, amakulu ebigambo bya Allah obubaka obwava gyali, kyekimu nabamanyi baffe olw'okuba mu mitwe nemubifuba byabwe mulimu Qur’an ne sunna (ebigambo bya nnabbi) kimanye nti ekyo kibafuula nabo abenkizo era abaweebwa ekitiibwa  kuba bw'obanyomoola nga bwendaba bakola abatamanyi olw'aleero, obeera onyoomodde Qur’an ne Sunna).
N’olwekyo, ababaka bano okubakkiriza kutwaliramu okukkiriza obubaka bwabwe bwebajja nabwo nti nabwo bw'amazima, era n’okukkiriza abo betwategeera mubo n’amannya gabwe n’okukakasa byonna byebaatunyonyola era n’okukolera kumateeka (Sharia) yewenkomerero mubo nabbi waffe Muhammadi (SAW) kubanga Allah talinaayo Sharia (mateeka) Malala gonna gakkiriza muntu kugagoberera oluvannyuma lw'okutumwa kwa nabbi oyo muhammadi (SAW).

## OKUKKIRIZA OLUNAKU LW’ENKOMERERO:

Olunaku luno lw'elunaku lw'okuyimirira eri omutonzi waffe, olunaku Allah lw’agenda okuzuukiza abantu bonna babeere nga bagenda eri okubalibwa wamu n’okusasulwa.
Lwatuumibwa bwelutyo kubanga tewali lunaku luvannyuma lwalwo, anti abantu bagenda kuba nga

batebenkera ab'omujjana mu ejjana, n'abo mu muliro bwebatyo batebenkere mu muliro.
N’amakulu agali mukukkiriza olunaku lw’enkomerero kw'ekukakasa okwanamaddala nti gy'eluli era lujja n'okola ebyo omuntu alwetegekera byalina okukola. Okukkiriza olunaku lw’enkomerero luno kuzingiramu ebintu bisatu:

1. **Okukkiriza okuzuukira**; Nakwo kw'ekuzuukiza abantu oluvannyuma lw’okufa kwabwe, era nga Allah y’agenda okubazuukiza okufuluma mu ntaana zabwe nga batambuza bigere byereere temuli ngatto, nga bali bwereere nga bwebaazaalibwa, ate era sibakomole.
2. **Okukkiriza okubalibwa n’okusasulwa**, era bino byatekebwawo olw’obwenkanya Allah bw'alina kubanga Allah yassa ebitabo era n'atuma n’ababaka banyonnyole abantu ebirungi n’ebibi era n'abalaalikako okumusinza ate era nga bamugondera, oluvannyuma mu baddu bano mulimu abaagonda nebakkiriza Allah, ate mubo mulimu abajeemu, mu mbeera eno, tekigwana era nga tekisoboka kuva eri Allah ewamu n'obwenkanya bwalina abantu bano bonna kusasulwa ky'ekimu, nga bwagamba Allah mu Qur’an nti:

*"Abaffe tuyinza okufuula abasiraamu abakkiriza tubafuule nga bali abatakkiriza abajeemu, mubaddeki? Ngeriki eyo gye mulamulamu"*?

Okukkiriza kuno okubalibwa n'okusasula nga Allah agenda kubala abaddube buli omu emirimo gyeyakola kuno kunsi era amusasule, omuntu yenna an'atya nakkiriza era n'agoberezaako enkola y'emirimu emirungi alina ejjana ate oyo anakaafuwala alina omuliro.

3. **Okukkiriza ejjana n'omuliro** nti weebiri by'atekebwawo lw'abantu. Ejjana nyumba y'abyengera eyo Allah gyeyategekera abakkiriza abamutya abo abakkiriza ebyo ebyabalaalikwako Allah okubikkiriza nebaba nga bagondera Allah n'omubaka (SAW) nga bino babikola lwa Allah kubeera nga abasiima era nga babikolera kunjigiriza y'ababaka be. **Era** abantu mu jjana baawukana mu madaala okusinziira ku mirimo gyabwe emirungi.

So gwo omuliro nyumba y'abibonerezo ebyo Allah byeyategekera abonoonyi abakafiiri abalyazaamanyi abo abaamujeemera nebawakanya ababaka be, so nga ate gwo omuliro gulina amadaala nga go okka wansi era n'abantu bamwo nabo baawukana mu bibonerezo okusinziira ku mirimo jaabwe emibi.

# OKUKKIRIZA OKUGERA:

Okukkiriza okugera kwa Allah kw'ekukkiriza nti Allah amanyi kyonna ekiriwo n'ekyaliwo n'ekyo ekiribaawo, era n'okukkiriza nti ekyo Allah kyaba ayagadde kibeera, ate kyatayagadde tekisobola

kuba, era tewali kibeerawo okujjako nga akimanyi era nga ayagadde kibeewo.

# (IBAADAH) OKUSINZA
## MU BUSIRAAMU:

Ibaada – okusinza mu busiraamu kukkirizibwa singa oyo akukoze – akukoze kulwa Allah yekka era nga akukoledde kunjigiriza ya nabbi (SAW).
Okugeza, esswala omuntu tateekwa kugisaala okujjako nga agisaala kulwa Allah era nga agisaala nga nabbi (SAW) bweyajiyigiriza olwo nno n'elyoka ekkirizibwa mumaaso ga Allah.

**Ekyo kiri kityo ku lw'esonga zino wammanga:**

**1.** Allah yalagira emirimo okukolebwa ku lulwe asinzibwe mubuwombeefu era okusinza ekintu ekirala n'okimugattako oyo abeera Shiriki, nga bw'agamba Allah mu Surat Nisaa-i Aya 36 egamba nti:

> *"Musinze Katonda era temumugattikako ekintu ekirala kyonna".*

**2.** Kubanga era Allah yeyeyawulidde okuteekawo amateeka yekka mubw'omubwe ate oyo asinza nga akozesa ekkubo eddala agatali mateeka ago Allah geyassaawo abeera naye yefudde Katonda ateekawo amateeka (abeera amwegasseeko).
**3.** Kuba Allah yatujjuliza ediini eno Busiraamu omuntu yenna ey'eteerawo eddiini endala abeera akonjedde eddiini yaffe eno nti nkendeevu.

**4.** Era singa buli muntu akkirizibwa okusinza ky’ayagala nga bw’ayagala, bwalikedde enkya nga buli omu alina ekkubo lirye ery'okusinza.

# EMPAGI Z’OBUSIRAAMU:

Empagi Allah zeyatulagira okwekwatako ziri ttaano;
1. Kwekukkiriza, n'okakasa era n’oyatuza n’olulimi lwo nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah era n’okkiriza, n'okakasa n’oyatuza n’olulimi lwo nti nabbi Muhammadi mubaka wa Allah.
Kino nno kyebayita **shahaada** era ky'ekigambo "laa ilaaha illa Llah, Muhammadu rasuulu LLAH"
2. N’oyimirizaawo eswala.
3. N’otoola ne Zakah.
4. N’osiiba omwezi gwa Ramadhan.
5. N’ogenda n’olambula ennyumba ya Allah ‘Kaaba’ amakulu n’okola Hijja (kw'oyo alina obusobozi).

## AMAKULU G’EMPAGI Z’OBUSIRAAMU:

**1.** Okukkiriza nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah ne nabbi Muhammadi mubaka wa Allah, amakulu ga (Shahada) eyo; kuba kukkiriza mu mutima okutaliimu kubuusabuusa kwonna era n’oyatuza n’olulimi nti Allah yekka y'ateekwa okusinzibwa mu mazima era ali omu yekka talina amwegattako era ne nabbi Muhammadi (SAW) ye mubaka atuusa okuva eri Allah. Nti era

tebukkirizibwa obusiraamu bw’omuntu wadde omulimu gwe okujjako nga abinoonyamu kusanyusa Allah nakugoberera nabbi we Muhammadi (SAW).

N’amakulu g'ekigambo "La ilaah illa Llah"; kw'ekubeera ng'oyatula ekigambo kino n’olulimi ate era ng’okkiriza mu mutima nti asinzibwa mu mazima ali omu yekka Allah. So nga era tekimala okukyatula obwatuzi n’okoma awo wabula oteekwa okukolera ku njigiriza n’amakulu nebigendererwa byakyo okubeera nga okkiriza n’okuteeka munkola okujjuvu amateeka n'ebiragiro bya Allah.

N’amakulu ga "Muhammadu rasuulu Llah; kw'ekubeera nga omugondera mw’ebyo byonna byeyalagira n’omukakasa mwebyo byeyatunnyonyola era newewala ebyo byonna byeyaziyiza era n'abitwewaza era n'otagezaako wadde akatono okusinza Allah okujjako ng'osinziira ku njigirizaaye (SAW).

**2. Okuyimirizaawo eswala**; n'eswala ez'alalikibwa mu busiraamu ziri ttaano mu buli lunaku n’ekiro kyalwo nga nazo ye;

i) Swalatul Fajir/ Subuhi.
ii) Swalatu Dhuhur.
iii) Swalatul Aswir.
iv) Swalatu Al-Magarib.
v) Swalatul Isha-e

**3. Okutoola Zakah**; Nakwo kw'ekuwaayo ekigero kya sente eyo oba ebirala ebiva mu mmaali nga eweebwayo eri abo abasanidde mu baavu, abetaavu n’abalala. Nga n’ebimu ku bibala bya zakah, ebeera etukuza emitima gyaffe n’egijjamu obukodo era n’okumalira banaffe ebyetaago byabwe era n’okuzimba omukwano wakati waffe, n’okuwona ensaalwa n’okutuleeta obukakkamu n’obusaasizi n’okulumirirwa abalala.

**4. Okusiiba omwezi gwa Ramadhan** okusiiba kw'ekweziyiza ebisiibulula nga kino okikola kusinza Allah, era kino kibaawo emisana mu Ramadhan. Omukkiriza alekayo emmereye neby'okunywa n’okwegatta nebakyalabe n'ebirala ebisiibulula okuviila ddala emmambya ng'esaze oba okutuuka enjuba lwegwa, okumalira ddala omwezi mulamba lwegugwako ogwa Ramadhan nga bino obikola onoonya okusinza n’okusanyusa Allah.

Ebimu ku bibala by'okusiiba; mulimu okutukuza omwoyo gwo n’okugumanyiiza okuleka byegwagala nga gunoonya okusanyusa Allah, era n’okugumanyiiza okugumiikiriza n’okugumira ebizibu. Mulimu n'okumanyiiza omutima okubeera nga gukola emirimo ku lwa Allah yekka kuba omuntu tewali amumanya nti yasiibye oba teyasiibye singa abeera nga tayogedde, era

kuyigiriza okukuuma obwesigwa wamu n’okulumiririrwa abalala so nga era kuyamba okufuna obulamu mu mubiri gwonna.

**5. Okugenda okukola Hijja**.

**Kuno** kwekusinza Allah nga ogenda n’olambula enyumba ye ey'emizizo e Makka n’okola emikolo gya Hijja omulundi gumu mu buwangaazi bwo eri oyo abeera alina obusobozi.

# EBIMU KUBYENKIZO BYE DDIINI Y'OBUSIRAAMU:

Obusiraamu y'eddiini Katonda gyeyalondera abantu bonna era nga ekola nga ntuufu mu buli kiseera era namu buli kifo, etaalekayo kirungi kyonna okujjako nga yakitulagirira ate wadde ekibi nakyo yakitwewaza era omuntu yenna tayinza kufuna mirembe wadde okutuuka kukwesiima okwanamaddala okujjako nga yeekutte ku Busiraamu n'okubuteeka munkola mu mbeeraze zonna ez'obulamu.

Ne mwebyo ebikakasa obukulu n'obunene bwe ddiini y'Obusiraamu era byo ebigifuula eyenkizo era ebitasiŋŋanibwa eri ezo ezeyita eddiini endala nga mubyo ebyenkizo ebikakasa enkizo y'obusiraamu era ebiraga nti abantu bonna beetaavu gyebuli byebino:

**1.** Kuba eddiini eno ey'obusiraamu yava wa Katonda era Katonda y'amanyi ekyo ekisobola okulongoosa abaddube, nga bwagamba mu Suratu Muluku Aya (14);

*"Abaffe mulowooza tamanyi eyatonda (ekyo ekinalongoosa abaddube) so nga yye Allah yemukwata mpola omumanyi w'abuli kimu".*

**2.** Kubanga yo yeddiini ekunyonnyola entandikwa y'omuntu nawwa gyagenda okukomekkereza okumalira, era y'eddiini ekunyonnyola ekigendererwa ky'okutondwakwo, era nekunyonnyola nga ekuteeleddewo ekkubo ly'olina okukwata mubulamu buno obumpi nekunyonnyola nebyolina okwewala ng'otambula olugendo lwo luno nga bwagamba Allah mu Surat Nisaa-i Aya 1:
Agamba Allah nti: *"Abange mwe abantu mutye omulezi wamwe oyo eyabatonda nga abajja mu myoyo gumu era nga ye ADAM ate mugwo (amakulu mu mwooyo gwa Adam) n'atondamu omukyala (era nga ye Haawa) ate era n'ajja mubabiri abo abasajja banji wamu n'abakyala".*

Era agamba mu Suratu dhariyat:
*"Saatonda majinni nabantu okujjako lwansonga emu ya kunsinza".*
Era n'agamba mu Suratu Maidah Aya 3:
Agamba Allah nti: *"Olwaleero nzijjuzza gyemuli eddiini yamwe era nembajjuliza ekyengera kyange era nembasiimira obusiraamu okubeera nga ye ddiini yamwe".*
**3.** Era eddiini yaffe eno ddiini y'abubumbwa nga kino era Allah bw'akitulaga mu Surat Ruum Aya (30): *"Obwo bwe bubumbwa bwa Allah obwo kweyawumbira abantu*".

**4.** Era eddiini eno etwala amagezi nga kikulu nnyo era neragira omuntu okulowooza n'okufumintiriza, era nevumirira obutamanya n'okukopperera abatalina kyebamanyi n'omugayaalo omuntu okugayaalirira okulowooza okutuufu agamba Allah mu Surat Zumaru Aya (9):

*"Bagambe nti abaffe benkana abo abamanyi naabo abatamanyi mazima abeebuulirira bebo bannanyini magezi".*

Era nagamba Allah mu Surat Al-Imran aya (190 – 191):

"*Mazima okutondebwa kw'eggulu omusanvu nensi n'okukyukakyuka kw'ekiro n'emisana obwo bubonero obulaga obukulu n'obunene bwa Allah eri abo abalina amagezi (abafumintiriza), Abo abajjukira Allah nga bayimiridde nebwebaba nga batudde oba bagalamidde kumbiriizi zabwe, nga bafumintiriza ku ngeri Allah jeyatondamu ensi eeno neggulu nga bagamba nti Ayi Katonda mukama waffe mazima tewatonda bintu bino byonna awatali kigendererwa, ddala wayawukana tukusaba otukingirize omuliro n'ebibonerezo byagwo*".

**5.** Obusiraamu nzikiriza ate era n'amateeka, era nga ddiini nzijuvu munzikiriza yaayo era nemumateeka gaayo si ddiini yakulowooza bulowooza kyokka wabula ddiini nzijuvu mu buli kintu ezimbiddwa kunzikiriza entuufu wamu ne

nkolagana ey'obwenkanya n'empisa ennungi era nga yyo ddiini eya sekinoomu era ddiini ey'abantu abali mukibinja era nga ddiini ey'asooka ate era eyenkomerero.

**6.** Era ddiini etwala obusaasizi nga kikulu nnyo era ebukubiriza olukubiriza olutuufu olugifuula ekyombo kyo bulungi n'okwesiima.

**7.** Era eddiini eno ddiini y'abwenkanya kababe nga abeetaaga okukolebwa obwenkanya balabe baayo oba mikwano gyayo oba baluganda bakumpi oba ba wala, agamba Allah mu Surat Annahal aya (90): *"Mazima Allah alagira obwenkanya".*

Era n'agamba mu Suratu Ani-am Aya 152: *"Era bwemubanga mwogera mwenkanyenkanye kababe bemwogerako baŋŋanda zamwe".*

Era n'agamba mu Suratu Maidah Aya 8: *"Tebubalemesanga obutali bwenkanya bwa bantu okubeera nga mwe mwenkanyankanya, mwenkanyenkanye ekyo ky'ekiri okumpi n'okutya Katonda".*

**8.** Era Obusiraamu ddiini y'abwa sseruganda obw'amazima, abasiraamu baaluganda mu ddiini oluganda olutaawula mawanga wadde ebika, wadde langi temuli madaala mu busiraamu wadde okusosoleŋŋana olw'amawanga oba langi, oba obutondwa, wabula minzani epima okusukkuluma kwaffe abamu kubannabwe mubusiraamu kutya

Allah. Agamba Allah mu Surat Hujuraat Aya 13; *"Mazima abasinga ekitiibwa mu mwe eri Katonda y'oyo abasinga okumutya".*

**9.** Obusiraamu ddiini y'akusoma, y'abasomi, bwebutyo obusiraamu bulagira abagobelezi babwo okunoonya okumanya era nebalaganyisibwa empeera ennyingi ddala, kulwekyo, bwatyo agamba Allah mu Suratu Mujadala aya 11: *"Asitula Allah abo abakkiriza mumwe n'abo abaawebwa okumanya amadaala"*
Era n'agamba mu Surat Zumara aya 9: *"Bagambe nti mulowooza benkana abo abamanyi naabo abatamanyi benkana mu madaala"?*
Era n'agamba (SAW) mu Hadith nti: *"Okunoonya okumanya kyatteeka kubuli Musiraamu"*
**10.** Allah yeyimirira n'alagaanyisa oyo yenna akkiriza obusiraamu era n'abuteeka mu nkola munteekamu entuufu okumuwangaliza mu kwesiima okwannamaddala n'ekitiibwa ekyannamaddala abeere omu oba babeere kibinja, agamba mu suratu Nuur Aya 55: *"Allah yalaganyisa abakkiriza mu mwe nebakola nemirimo emirungi nti agenda kubasikiza ensi eno nga bwebaagisikira abo abaabasooka era agenda kubawa obutebenkevu mu ddiini yabwe eyo gyeyabasiimira, era agenda kubakyusiza oluvannyuma lw'okubeera ababadde*

*mukutya, abakyusizeemu emirembe (naye nga bino bajja kubifuna oluvannyuma lw'okubeera) nga bansinza obutangattako kintu kirala kyonna"*

Era agamba Allah mu Surat Nahal Aya 97 nti: *"Oyo yenna anaakola emirimo emirungi, k'abeere musajja oba mukyala nga mukkiriza owannama ddala, tugenda kumuwangaaliza mu bulamu obulungi era tugenda kubaweera ddala empeera yabwe ku lunaku lw'enkomerero olw'ebyo ebirungi bye baali nga bakola".*

**11.** Era obusiraamu ddiini y'akwagalana nakuba bumu nakw'egatta mu mutima nakusaasirigana, nga bwagamba omubaka (SAW):

Agamba omubaka (SAW) nti: *"Abasaasira bannabwe nabo abasaasira Allah omusaasizi, kale musaasire ebyo ebiri ku nsi ajja kubasaasira oyo ali waggulu".*

Era n'agamba (SAW) mu Hadith nti: *"Tagenda kubeera mukkiriza owanamaddala mu mwe okutuusa lw'anayagaliza mugandawe (musiraamu munne) ekyo naye ky'ayagaliza omutima gwe".*

**12.** Obusiraamu ddiini y'abumalirivu nakunyikira era nakukola; nga bwagamba omubaka (SAW) mu Hadith nti: *"Omukkiriza owamaanyi yasinga obulungi era ayagalwa ennyo eri Allah okusinga*

*omukkiriza omunafu, era wekuumire kwekyo ekinakugasa era weesigamire Allah naye tolemerelwa, wabula bw'oba nga otuukiddwako ekintu kyonna togeza n'ogamba nti Singa nakoze bwenti kyandibadde bwekiti nebwekiti, naye agamba nti: Allah bwatyo bwageze era ky'aba ayagadde ky'akola era ky'ekiba".*

**13.** Obusiraamu ddiini eri wala nnyo n'okukontana oba okukubagana. Ddiini obubaka bwayo bwonna bukwatagana tebukubagana.

Agamba Allah mu Surat Nisaa-i Aya 82 nti: *"Singa yali eddiini eno teva gyendi nze Katonda mwandigisanzeemu ebikoonagana ate nga bingi".*

**14.** Era obusiraamu ddiini enn'eyolefu etegeerekeka obulungi era nyangu yakutegeerwa eri buli muntu.

**15.** Era ddiini nzigule tewali gweggalira bweru, oyo yenna aba ayagala okugisoma oba okugiyingira ayanguyirwa tafuna buzibu.

**16.** Era eddiini y'obusiraamu ddiini ekowoola abantu eri okweyisa mu mpisa enungi n'okukola emirimo emirungi nga bwagamba Allah mu Surat A-araafu Aya 199 nti: *"Beera asonyiwa era olagire ebikolwa ebirungi era wesambe abatamanyi".*

Era agamba Allah mu Surat Fuswilat Aya 34: *"Ekibi kijjeewo nekkubo erisinga okuba eddungi (nga*

*olongoosa), ojjaggenda okulaba nga oyo abadde mulabewo ate yemukwano gwo nfa nfe".*

Era yagamba omubaka (SAW) mu Hadith: *"Ekintu ekigenda okusinga okuyingiza abantu ejjana kutya Allah n'ampisa nnungi"*.

Era nagamba (SAW) mu Hadith endala nti: *"Asinga mu bantu okubeera n'obukkiriza obujjuvu yoyo abasinga empisa".*

Era n'agamba (SAW) mu Hadith endala nti: *"Omuntu asinga okwagalwa eri Allah yoyo asinga okubeera ow'omugaso eri banne, era n'omulimo gw'ansinga okwagala Allah lye ssanyu omusiraamu ly'ayingiza eri musiraamu munne nga okumujjako obuzito oba okumusasulira ebbanja oba okumugobako enjala, era nze okubeererawo muganda wange omusiraamu mumalire ekyetaago kye kyekirungi gyendi okusinga okutuula Itiqafu mu muzikiti gwange guno (Masjid Nabawi) okumala omwezi mulamba".*

**17.** Obusiraamu ddiini ekuuma obwongo bw'omuntu okubeera nga bulamu buli kiseera, era yensonga lwaki yaziyiza omwenge n'eziyiza nenjaga nabuli kyonna eky'onoona obwongo bw'omuntu era yaziyiza okutta emyoyo egitalina musango nga bwagamba Allah mu Suratu Nisaa Aya 29:

*"Temwettanga mwekka mazima Katonda gyemuli musaasizi nnyo".*

**18.** Obusiraamu bukuuma emmaali, obutayonoonebwa era ye nsonga lwaki obwesigwa bwabukubiriza nnyo era nebutenda bannanyini bwesigwa nebubalaganyisa okuwangaala obulungi kuno kunsi ate era n’okuyingira ejjana, bwebutyo era nebuziyiza obubbi era nebulaganyisa abakola obubbi ebibonerezo ebyamanyi kuno kunsi nekunkomerero olwonno omuntu yenna aleme kw'etantala kubba mmaali y'abantu wadde okubatiisatiisa.

**19.** Obusiraamu bw'akuuma emyoyo, yensonga lwaki bwaziyiza okutta ewatali musango era nebussawo ekibonerezo kw’oyo asse munne nga naye alina kuttibwa ate era nebulaganyisa omutemu oyo okubeera mu muliro emirembe n'emirembe, era kulwensonga eyo yensonga lwaki olaba ng'okuttingana kutono mu mawanga g’obusiraamu ago agateeka munkola okulamula kwa Allah okwo kuba omuntu bw’amanya nti singa nzita munnange nange bagenda kunzita omuntu oyo yewala okutta, olwonno abantu nebafuna eddembe era nebawona obubi bw’abonoonefu abalumbaganyi.

**20.** Era obusiraamu bwakuuma obulamu, nga bwagamba Allah mu Suratu A-arafu Aya 31: *"Era mulye era n’okunywa munywe naye temudibuuda mazima yye Allah tayagala badiibuuzi"*. Abamanyi bagamba nti Ayah eno yakuŋŋanya okujjanjaba

kwonna, kubanga okwenkanyankanya muby'okulya wamu n’okunywa yemu kunsonga esinga obukulu mukukuuma obulamu bw'omuntu.mumbeera yeemu obusiraamu mukukuuma obulamu era bwaziyiza omwenge nenjaga, kuba kimanyiddwa nti bino byonna by'akabenje eri obulamu bw'omuntu era tebwakoma awo, wabula nebuziyiza obwenzi nebikolwa bya bantu abonoonefu abaali kumulembe gwa nabbi Luutu abasajja okwagala basajja banaabwe n’abakazi ku bakazi banaabwe kuba nabino ekimanyiddwa nti birimu obubenje bungi ddala nga n'obumu kubwo busanyaawo obulamu bw’omuntu olw'ebirwadde ebivaamu gamba nga siriimu n’ebirala.

**21.** Era obusiraamu bukuuma eddembe lyomuntu, naye nebulitegeka bulungi ate aleke kulifunamu buzibu gamba obusiraamu bwakkiriza omuntu okugula n’okutunda nga waddembe mubyo era asuubula n'atambuza eby'amaguzibye n'ebirala, wabula eddembe lino abeera nalyo n'akola kyayagala mw’ebyo ebbanga lyamala nga ate tasusse nsalo za Allah. Gamba nga okutiirira oba okukwenyakwenya, okulimba n’okwonoona. Era mubusiraamu omuntu waddembe okweyagala n'ebintu by'obulamu bwensi ebirungi nga okulya n’okunywa oba okuwunyiriza obuwoowo obulungi oba okwambala ebirungi naye nga bino obikola

ebbanga ly'omala nga tew'ebagadde haram adda gyoli oba eri omulala.

# EBIMU KUBILUNGI BY'EDDIINI Y'OBUSIRAAMU:

Obusiraamu bwajja buyigiriza omuntu ebyo byeyetaaga muno munsi era ebinaabera ensonga y'okwesiimakwe wano kunsi nekunkomererero, era nga n'ebimu kubiraga obulungi bw'obusiraamu mu mbeera y'okuba nga tutunuulidde amateeka agalagira okukola n'agaziyiza gegano:

## MU BYEBULAGIRA N'OKKUBIRIZA:

**1.** Obusiraamu bulagira omuntu ebintu ebimusitula nebimufuula owawaggulu ku bitonde ebirala nga ebisolo n'ebirala oba obutabeera muddu agoberera okwagalakwe era naba nga ali wala n'okubeera nga agulumiza n'okusinza atali Allah mubitonde Allah byeyatonda oba okwekkakkanya eri ebitonde ebyo ebitarina kusinzibwa okujjako Allah yekka.

**2.** Obusiraamu bulagira okukozesa amagezi n'ebiyungo mu kutuukiriza ekyo ekyamutondesa omuntu mu mirimo egy'omugaso mu nsonga z'eddiini ne dduniya.

**3.** Obusiraamu era bulagira okulongoosa enzikiriza yaffe nga tukola emilimo gyaffe nga tusinza Allah tulina okugikola nga tunoonya Allah yekka yaaba atusiima so ssi kusanyusa bitonde bye, era n'okuleka okusinza ebirala ebitali Allah mw'ebyo

ebisinzibwa mubukyamu. Kuba asinzibwa mu mazima ali omu yekka Allah.

**4.** Era obusiraamu bukubiriza okuyambako okumala ebyetaago by'abantu banaffe n’okubayambako mu nsonga zabwe endala zonna.

**5.** Era obusiraamu bulagira okulambula abalwadde n’okuweerekera (Jeneza) abafu n’okulambula entaana zabwe n’okubasabira.

**6.** Obusiraamu bulagira okuyisa obulungi abantu n’okubeera nga tebaly'azamanyizibwa era nabuli omu okwagaliza munne ekyo naye kyeyeyagaliza.

**7.** Era obusiraamu bukubiriza abantu okukola okunoonya ebyenfuna, omuntu abeere nga asigala nga wakitiibwa aleke kubeera nga yeteeka mukunyomebwa n’okwekkakanya olw'okugenda nga asabiriza.

**8.** Obusiraamu era butulagira okubeera abasaasizi eri ebitonde bya Allah n’okubikwata empola, n’okubirabirira obulungi n’okubiyamba mwebyo ebibigasa era n’okubiyamba okubiwonya ebyo ebibinakuwaza.

**9.** Era obusiraamu bulagira okuyisa obulungi abakadde ababiri n’okuyunga oluganda n’okuwa ekitiibwa n’okuyisa obulungi omulilaano n’okuba abasaasizi eri ebisolo.

**10.** Era obusiraamu bulagira okutuukiriza endagaano zaffe zetukola ne banaffe, era n'okuyisa obulungi abantu b'omumaka gaffe abakyala n'abaana.
**11.** Era obusiraamu bulagira obwesigwa n'okutuukiriza endagaano, n'okulowooleza bannaffe obulungi era n'okwetegereza ensonga wamu n'okwanguyiriza okukola ebirungi, bwebutyo buyigiriza era nga bulagira n'ebirala ebitali ebyo.

## OBUSIRAAMU MU BYEBWAZIYIZA:

Mu bikulu ennyo mubiraga obulungi bw'Obusiraamu mukuziyiza kwabwo kwebwajja nakwo kw'ekulumiririrwa okwensusso kuba osiŋŋaana nga kwekesa omusiraamu okukugwamu olw'obubi bwakwo n'okumutaasa enkomerero yakwo egenda okumuteeka mubuzibu olw'okukola ebikolwa ebibi olwonno awangalire mu bulamu obubi obwakanyigo, n'olwekyo olw'okumulumiririrwa okwo bwamuziyiza ebintu ebyenjawulo asobole okuwangaala nga ali mirembe ne mwebyo byebwaziyiza bye bino;
**1.** Obusiraamu bw'aziyiza omuntu okubeera oba okugwa mubukafiiri era n'okugwa mu Shiriki (okusinza ekirala ekitali Allah).

**2.** Era nebuziyiza okwekuza n’efutwa n’okwemanya nensaalwa n’okukkakkanya abo Allah beyagezesa.

**3.** Era obusiraamu buziyiza okulowoolereza abantu obubi era nebuziyiza okwelaguza era nebuziyiza okukutukawo n’okusuubira, amakulu okugwamu essuubi era nebuziyiza obukodo n’okudiibuuda.

**4.** Era obusiraamu bw'aziyiza obugayaavu, okunyiga, n’obutitiizi, n’obunafu, n’okwekandagga olw’ebyo ebiba bikutuuseeko mu bizibu era nebuziyiza okupapa n’obwa kireereese n’obutono bwensonyi n’okutemerwa n’okwekamwana.

**5.** Era obusiraamu bw'aziyiza obuwakanyi n’obukakanyavu bw'omutima okwo okuziyiza nannyinikwo okutuuka kubigendererwa ebirungi.

**6.** Era obusiraamu bw'aziyiza okugeya nga nakwo kw'ekwogera kubannaffe ebyo ebibatama era nebuziyiza olugambo nga nalwo kw'ekujja ew'omuntu n’omujjako ebigambo n'obitwala ewalala mukkubo ery'okwonoona.

**7.** Obusiraamu era bw'aziyiza ebigambo ebingi ebitalina mugaso era nebutuziyiza okubotola ebyaama by'abanaffe n’okukakanya abantu n’okukwenyakwenya abalala.

**8.** Era obusiraamu bw'aziyiza okuvuma n’okukolima n’okutuumagana amannya agatali malungi.

**9.** Era obusiraamu bw'aziyiza okuyitiriza ennyo okuwakana n’okukaayana era n’okusaaga okwo okutwala abantu mukunyiigagana.

**10.** Obusiraamu buziyiza okukweka obujulizi era ate nebuziyiza obujulizi obw'obulimba, n’okutemerera abakyala ab'ekuumye obwenzi era nebuziyiza okuvuma abafu, n’okukweka (ilimu) okumanya.

**11.** Era obusiraamu bw'aziyiza obugwenyufu n’obuseegu n’okwewaanawaana olw’ekyo kyaba asaddaase n’obuteebaza oyo akukoledde ebirungi.

**12.** Era obusiraamu bw'aziyiza obukumpanya n’okukolera abantu enkwe n’okwawukana kundagaano.

**13.** Era nebuziyiza okujeemera abakadde ababiri n’okukutulawo oluganda n’otaluyunga, n’okulagajjalira abaanabo.

**14.** Era obusiraamu bw’aziyiza okutetegana n’okulondoola obumogo bw’abantu.

**15.** Era obusiraamu nebuziyiza abasajja okw'efananyiriza abakyala n'abakyala okw'efaananyiriza abasajja.

**16.** Era nebuziyiza okunywa omwenge n’enjaga n’okuzanya zzaala kuba ateeka emmaali mukatyabaga.

**17.** Era bw'aziyiza okutunda eby'amaguzi n’okulayira okw'obulimba era nebuziyiza okukendeeza ebipimo ne minzane n’okuwaayo emmaali mu bintu ebya haramu n’okunakuwaza emiriraano.

**18.** Era obusiraamu bw'aziyiza obubbi n’okunyakula, n’obukumpanya kw’abantu abeegasse muby'obusuubuzi oomu okukumpanya munne. Era n’okukeerewa okusasula omuntu akukoledde omulimo oba obutamuwa mpeera ye nga ate amaze okukola.

**19.** Era bw'aziyiza omuntu okuyitiriza ennyo okulya okutuuka n' okuleeta obuzibu kubulamu bwe.

**20.** Era bw'aziyiza okusengukagana n’okuyombagana n’omu okukuba munne amabega, nebwewaza nti omusiraamu tasenguka musiraamu munne kusukka naku satu.

**21.** Era obusiraamu bw'aziyiza omuntu okukuba munne ewatali nsonga ekkirizibwa mubusiraamu era n’okwolekeza basiraamu banne eby'okulwanyisa.

**22.** Era obusiraamu bw'aziyiza obwenzi nebikolwa bya bantu b’omulembe gwa nabbi Luutu n’okutta abantu.

**23.** Era obusiraamu bw'aziyiza okulya enguzi n’okugiwa.
**24.** Era obusiraamu bw'aziyiza okulekelera aly'azamanyiziddwa so nga olina obusobozi obumutaasa.
**25.** Era obusiraamu bw'aziyiza okutunula munju ya munno nga takukkirizza n’okunyumyanyumya emboozi mubanno nga ate bbo tebagyetaaga.
N'ebirala ebitali ebyo.

# OLUNAKU LW’ENKOMERERO:

Omuntu tabeera mukkiriza okutuusa lwakkiriza olunaku lw’enkomerero n'ebyo byonna ebirwetooloddeko, n'ebigenda okulubaamu olwo Allah lweyayogerako n’agamba mu suratu Muzammil Ayah 17:

*"olunaku olugenda okufuula abato abenvi*" era nga ne mu lwo mw'otwalira okufa, n'okufa; y'enkomerero y'abuli kintu kuno kunsi.

Agamba Allah mu Suratu Al-Imran Aya.... *"Buli mwoyo gwakukombezebwa ku kufa”.*

Era n’agamba mu Suratu Arrahman Aya 26: *"Buli ekiri kunsi kuno ky'akugwawo”*

Era n’agamba Allah mu Surat Zumara: "*Mazima gwe Muhammadi (SAW) ojjakufa era nabo bakufa, era oluvannyuma mazima mwe olunaku lw’enkomerero eri Katonda wamwe mugenda kubeera nga mwegasse wamu”.*

N’olwekyo tewali agenda kubeera ku nsi kuno yenna olubeerera, nga bwagamba Allah mu Suratu Anibiya Aya.34: "*Era tetwafuulako kunsi kuno muntu yenna yadde oluberyeberye lwo nga wa kubeerawo emirembe n’emirembe”.*

**Katinno kikulu nnyo okubaako n'ensonga zetutegeera wano, muzo mulimu nti;**

**1.** Mazima abasinga obungi bagayaavu ku nsonga y’okufa ewamu n’okubeera nga nsonga

nkakafu teriimu kubuusabuusa kwonna, so nga era muntaana tolina kyonna ky'ogenda nakyo mu bintu byedduniya wadde akatono era gwe bw’ofa osigalayo namirimo gyo gyokka! Singa gibeera mirungi omuntu oyo abeera awonye era nga yesiimye ate bwekitaba ekyo olwo abeera afafaganiddwa.

**2.** Tukimanye nti entuuko y’omuntu temanyiddwa tewali agimanyi okujjako Allah, tewali muntu amanyi ddi lw’anafa oba mukifooki mwanafiira kubanga ekyo mukumanya okwekweese kweyesigaliza Allah okukumanya.

**3.** Okufa kuno bwekuba kuzze tewali ayinza kukuziyiza wadde okukukeereya wadde okukudduka; agamba Allah mu Surat A-araf Aya 34: *“Nabuli bantu balina entuuko yabwe bweba etuuse entuuko yabwe tebalindilirizibwamu kaseera konna wadde okubanguyirizamu (nga tennaba kutuuka)”.*

**4.** Omukkiriza ateekwa okukimanya nti okufa bwekuba kuzze ajjirwa malayika y'okufa Malakul-mautu mukifaananyi ekirungi era nga erina akawoowo akalungi nejja ne Malayika y'okusaasira netandika Malayika yokusaasira okusanyusa omuntu oyo omukkiriza nga malaika emusanyusa ne jjana, nga bw'agamba Allah mu Suratu Fuswilat Aya;…, *“Mazima abakkiriza era nebakyogera lunye nti omulezi waffe ye Allah nebamw'awula nebamusinza*

*mubw'omuubwe era nebanywerera kwekyo (obulamu bwonna, kati bwebaba batuusizza okufa) babakkira ba malayika nga babagamba nti temutya gyemulaga ate era temunakuwala kwebyo byemulesse, tubasanyusa ne jjana eyo gyemubadde mulaganyisibwa".*

Wabula ate yye omukafiiri amujjira malayika mu kifaananyi ekyentiisa ennyo nga alina ekyenyi kiddugavu nnyo nga alabika bubi nnyo era nga naye ajja ne malayika w'ebibonerezo, era amuwa amawulire g'ebibonerezo by'omuliro. Agamba Allah mu Suratu Ani-am Aya;… "*Singa abaffe obadde olaba embeera abalyazamanya gyebabamu mu kaseera kabwe ak'okufa bamalayika, bagalula emikono gyabwe nga bwebabagamba nti mufulume myooyo mwe mw'efulumye mwe kenyini, olw'aleero musasulwa ebyo ebibonerezo ebiruma ate nga binyomesa kulwebyo byemubadde mwogera ku Allah byemutalinaako mazima gonna era nemubeera nga amateekage mugekuluntalizaako".*

Okufa bwekujja amazima amatuufu geeyoleka eri buli muntu era ensonga neetegeerekeka bulungi nga bw'agamba Allah mu Suratu Mu-uminuuna Aya 100. *"Okutuusa lwajjirwa omu kumwe okufa agamba Ayi Katonda wange omulezi wange*

*nzizaayo oba olyawo ngenda kukola ebirungi mwegyo emirimo gyendese, bamuddamu nti nedda ebyo bigambo bugambo obyogera lw'akutya kw'olimu naye ekiseera walina kinene n'okizanyisa, nga olwo mu maaso gabwe waliyo obulamu bw'oluvannyuma lw'okufa obuzito okutuusa lwebalizuukizibwa".*

Bwekityo okufa bwekujja yegomba omukafiiri n'omwonoonefu nti singa addizibwayo kunsi mu bulamu buno bwetulimu olw'aleero abeere nga akola emirimo emirungi n'olwekyo muganda wange nemwanyinaze nga tonnatuuka mu kaseera ako kakwejjusa, munnange weefeeko nga omukisa gw'obulamu gukyaliwo oleke kutuuka kwejjusa nga okwejjusa tekukyagasa, kale nno gwe atannasiramuka siramuka mangu ate gwe alemedde kubwononefu weenenye naawe okole emirimo emirungi yongerako buli kaseera. Tusaba Allah ffenna atusobozese tutuuke okufa nga atusiimye. Ameena.

Kuba singa tetukola ekyo, omuntu n'agayaala okufa nekumusanga nga tanalongoosa yegomba addizibweyo kunsi alongoose nga bwetulabye naye ekyenaku nga okusabakwe n'okwejjusaakwe byonna biba tebikyalina kyebimugasa nga bwagamba Allah mu Suratu Shuura Aya 44: *"Ogenda kulaba abalyazamanya bwebalimala okulaba ebibonerezo*

*nga bagamba nti abaffe tulinayo akakisa akadda ku nsi tulongoose".*
So nga bambi wajja kuba tewakyali mukisa gwonna ekiseera nga kyabayitako kale gwe nange abakyakirina bannange tukikozese.

# ENTAANA.

Entaana eno ky'ekifo ekisooka mu bifo by’enkomerero. Omuntu bw’agiwona n'agiyitamu bulungi olwo ate ebiba bisigadde bimubeerera nga by'ebisinga obwangu naye oyo atagiyitamu bulungi amakulu ebibuuzo byomuyo bwobigwa olwo manya nti ate gyebiraga ate wewali obuzito obusinga obunene. Agamba omubaka Muhammadi (SAW) nti;

Agamba Anasi nga ajja ku nabbi (SAW) nti: *"Mazima omuddu bw’ateekebwa mu ntaanaye, nebamulekayo abantu be, mazima yye awulira omusinde gw'engatto zaabwe nga baddayo bamulese* Agamba nti*: bamujjira bamalayika babiri nebamutuuza nebamugamba nti, kiki ky’obadde omanyi ku musajja ono (nabbi),* agamba nti*: wabula ye omukkiriza addamu n’agamba nti nkakasa nti muddu wa Allah era mubaka we.* Agamba nti*: bamugamba nti tunuulira ekif'okyo kyobadde olina mu muliro, Allah akuwanyisirizaamu ekifo mu Jjana.* Agamba Nabbi wa Allah (S.A.W*) nti olwo atandika okubiraba ebifo byombi. Ate yye omukaafiiri, oba omunnanfuusi, addamu n’agamba nti simanyi, mbadde njogera ebyo abantu byebabadde boogera.* Bamuddamu nebamugamba nti: *tewamanya era tewasoma. Oluvannyuma bamukuba ennyondo ey’ekyuma olukuba wakati w’amatuuge n’awoggana*

*oluwoggana. Ebitonde byonna ebimwetolodde bimuwulira okujjako abantu n'amajinni"*

Ate okudda kw'omwoyo eri omubiri mu ntaana eyo nsonga ya by'ankomerero obwongo bw'omuntu gyebutasobola kutegeera nejja mubwo. Kuno kudduniya era nga bw'atutegeeza Allah nti omuntu aweebwa ebyengera muntaana ye bwabeera omukkiriza asaana ebyengera, oba n'abonerezebwa bw'abeera nga asaana ebibonerezo bwaba nga Allah tamusaasidde, era nga bwagamba Allah mu Suratu Gaafir Aya 46: *"Omuliro guboolesebwa buli kumakya n'akawungeezi n'olunaku lw'enkomerero bagenda kuyingizibwa abantu ba Fir-auna mu bibonerezo ebyamaanyi".*

Era n'agamba omubaka (SAW) nti: *"Mw'ewogome eri Allah abakingirize ebibonerezo by'omuntaana"*

Era alina amagezi amatuufu tasobola ekyo kukiwakanya kuba alina eky'okulabirako ku muntu nga abadde yebase n'aloota nga abonerezebwa olubonerezebwa olwamaanyi era n'oluusi n'awoggana n'asaba amuliraanye amutaase naye nga yye talina kyawulira, kati kino kifaananyi ky'akulabirako kirungi kuno kunsi kikusembereza ebyo ebikutegeezebwa nti gyebiri muntaana wadde nga obwongo bwo butono nnyo tebusobola kutuuka kubwenyini bwabyo.

Ewamu n’ekyo, enjawulo nene nnyo wakati w’okufa n’obulamu.
Era kyetusaana tumanye nti ebibonerezo by'omuntaana bituuka ku mwoyo n’omubiri byombi. Yagamba omubaka (SAW) mu Hadith gyetwalabye nti: *"Mazima entaana ky’ekifo ekisooka mu bifo by’enkomerero omuntu bw'awona entaana n’etamuyisa bubi olw'emilimo gye emirungi olwonno ewaddako agenda kusanga bwangu bwereere, ate oyo abeera tagiwonye n'abonerezebwa olw'emirimogye emibi, olwono ate ewaddako w'agenda okufuna obuzibu obusinga obungi”.*

Era yensonga lwaki omubaka (SAW) yatusomesa era natukubiriza okusaba Allah ennyo atukingirize ebibonerezo by'omuntaana naddala mu buli swala nga tumaze Tashahudu nga tetunnasaza salaam.
Era n'atukubiriza okwewalira ddala obwonoonefu kuba y’ensonga enkulu esooka ereetera omuntu okufuna ebibonerezo ebyo eby’entaana n’okuyingira omuliro, by’atuumibwa bibonerezo by’amuntaana kubanga abantu abasinga obungi baziikibwa, so nga naabo abataziikiddwa gamba nga agudde munyanja nataziikibwa, oba oyo ayidde omuliro naggwawo oba oyo aliridwa ensolo enkambwe bano bonna babonerezebwa, oba bafuna ebyengera muntaana zabwe buli omu okusinziira kumirimogye.

Era ebibonerezo bino byanjawulo muntaana gamba nga okukubwa enyondo, oba entaana okujjuzibwa ekizikiza oba okwalirirwaa ekyaliriro ky'omumuliro noggulibwawo omulyango mu milyango gy’omumuliro, era n'okufuula emirimo gyo emibi nebagiteeka mukifaananyi ky'omuntu omubi wekyenyi awunya ennyo n'abeera nawe muntaana yo singa obeera mukafiiri oba omunnanfusi. So nga ate yye omukkiriza mubaddu ba Allah naabo abazaana ba Allah, Singa abeeramu obwonoonefu bweyakola nebibonerezo ebyo bisinziira kubwononefu obwo oluusi bituuka ekiseera nebikutukawo naaba nga takyabonelezebwa. Ate yye omukkiriza atalina bwononefu tusaba Allah atuteeke mubo nebakyala baffe nebakadde baffe n’abaana baffe, ono yye abeera mubyengera muntaana ye era nebagigaziya nebagijjuza yonna ekitangaala nebamuggulilawo omulyango gw'omujjana nekabeera nga kamujjira akawoowo okuva mu jjana eyo, era nebamwalirira ekyaliiro mubyaliiro by'omujjana era nemirimogye emirungi nebagiteeka mukifaananyi ky’omuntu omulungi namubeesabeesa muntaanaye.

# OKUYIMIRILAWO KW'ENKOMELERO N'OBUBONERO BWAYO:

**1.** Allah teyatonda nsi eno nga ya kuberawo lubeerera wabula egenda kutuuka ekiseera egwewo era olunaku olwo lw'erunaku olugenda okubeera olw'enkomelero. Nga bw'agamba Allah mu surat Gafir ayah 59 *"Mazima enkomerero ejja tewali kubuusabuusa mwekyo".*

Era n'agamba mu Suratu Saba Aya 3: *"Bagamba abo abakafiiri nti enkomerero tegenda kubeerawo bagambe nti nedda mbalayirira Allah omulezi wange lugenda kujjira ddala olunaku olwo olw'enkomerero".*

Naye era osaana okimanye nti ebikwata ku kumanya enkomerero ddi lw'enabaawo ekyo kiri mu bintu Allah byeyesigaliza okumanya. Tewali muntu n'omu asobola kumanya bigikwatako, ddi lwegenda kubaawo mubitonde bye, era nga bwagamba mu Suratu Ahizabu Aya 23:

*"Bakubuuza abantu ebikwata ku nkomelero (yaddi?) bagambe nti mazima okumanya okukwata ku nkomelero ddi lw'enebaawo kuli eri Allah, naye omanyiki oba olyawo enkomelero egenda kubaawo mu bunnambiro (mangu)".*

**2.** Enkomelero tegenda kuberawo okujjako eri abantu abasinga okubeera ababi abonoonefu, kuba Allah agenda kusooka asindike empewo ennungi esooke ejjemu emyoyo gy'abakkiriza.

Bwatyo Allah bw'alyagala okusanyawo ebitonde byonna n'okufa era ebeere enkomelero y'ensi, agenda kulagira malayika efuuwe eŋŋombe nga nayo (eringa ejjembe eddene) era abantu bwebaligiwulira bagenda kuzikirira bonna(okufa) Nga Allah bw'aganba mu Suratu zumar 68

*"Era egenda kufuuyibwamu eŋŋombe, bizikirire byonna ebiri mu ggulu omusanvu nensi okujjako ebyo Allah by'aliba ayagadde".*

Ekyonno kigenda kubeerawo lunaku (lwa Juma) lwakutano. Oluvanyuma lw'ekyo neba malayika bonna bafe, tewali alisigala ku nsi okujjako Allah ow'ekitiibwa omugulumivu.

**3.** Buli mubiri gw'amuntu gujja kuvunda gugweewo era ettaka ligulye okujjako akagumba akayitibwa (Ajibu-dhanab), akagumba kano kabeera wansi w'omugongo, Naye gyo emibiri gy'abannabbi ne ba (Shuhada_u) abajulizi abo bo ettaka terirya mibiri gyabwe. Bwatyo oluvannyuma Allah agenda kutonyesa enkuba okuva muggulu emeze emibiri era gigenda kwepanga buto.

Bw'aliyagala ate okuzuukiza abantu agenda kusooka kulamusa (kuzuukiza) malayika afuuwa eŋŋombe (Isirafiil) olwonno afuuwe eŋŋombe olufuuwa olw'okubiri olwo abantu balamuke batandike okufuluma muntaana zabwe nga Allah bweyabatonda omulundi ogw'asooka nga bali mubigele byereere era nga teb'ambadde era nga sibakomole, Nga bwagamba Allah mu surat yasini aya 51;

*"N'efuuyibwamu eŋŋombe, oligenda okulaba nga abantu bava muntana zaabwe nga beeyunira eri omulezi waabwe".*

N'agenda okusooka okuzuukizibwa agenda kuba ow'ekitiibwa nabbi Muhammadi (SAW) oluvannyuma alyoke akulembere abantu abatwale mu bbaliro era nga nakyo kifo kinene kigazi era mukyo enjuba egenda kussibwa ebeere kumpi n'emitwe gy'ebitonde, era abantu bagenda kubeera mu bbaliro ebbanga panvu nnyo nga balinda okulamula wakati wabwe n'okubalibwa oluvannyuma kugenda kukkirizibwa okulamula wakati waabwe, era egenda kutekebwawo (Swiratwa) nga nalwo lutindo, lulinga akawuzi akatono ennyo okusinga oluviiri, ate nga kooji kasala nnyo okusinga ekitala oba (gamba nti ejirita) egenda kutekebwa waggulu wa jahannama abantu nga kwebayita okusinziira ku milimo gyabwe. Mubo mulimu abagenda okuyitako nga

lutemya lw’aliiso bagende, ate abalala nga empewo, ate abalala bayiteko nga ensolo edduka ennyo ate abalala bayiteko nga baavula bwavuzi, so nga ku Swiratwa kuno kugenda kubeerako amalobo nga gakandula negasika negaloba abantu negabasuulayo wansi mu Jahannam, bwebatyo abakafiiri bagenda kubeera nga bagwayo n’abo Allah baaliba ayagadde nabo bagweyo mubaali abonoonefu mubasilaamu abakkiriza.

So nga bbo abakafiiri bagenda kubeera mu muliro ogwo emirembe n’emirembe, wabula bbo ab’onoonefu mubakkiriza bbo bagenda kubeerayo ekigero ky’ekiseera Allah ky’aliba asazeewo okubabonereza oluvannyuma bagenda kujjibwayo bayingire ejjana. Era bwebalimala okuyita ku Swiratwa abaliba bayiseeko nga naabo bebantu b'omujjana, bagenda kuyimiririra mukifo ekiri wakati wejjana n’omuliro, olwonno bamale buli omu okusasula munne bakakase nti tewali abanja munne eri nga buli omu omutima gwe gumatidde era nga gukkakkanye.
Abantu b'omujjana bwebalimala okugiyingira, n’abomumuliro nga bayingidde mu muliro, okufa kugenda kuleetebwa nga kuteekeddwa mukifaananyi kyendiga esalibwe wakati wejjana n’omuliro ,era nga bonna abantu b'omu jjana

n’abantu b'omumuliro nga balaba, oluvannyuma bagambibwe nti abange mwe tewali kuddamu kufa, abange namwe abantu b'omumuliro namwe mubeeremu temugenda kuddamu kufa, mu mbeera eno singa wabadde nga waliwo yenna asobola okufa abantu b’omujjana bandifudde esanyu ate singa wabaddewo era okufa ab’omumuliro nabo bandifudde ennaku.

## OMULIRO N'EBIBONEREZO BYAGWO:

Agamba Allah mu Suratu Baqarah Aya 24:
Agamba Allah nti: *"Mutye omuliro ogwo ogw'akumwa nga enku zagwo bantu namayinja era gwategekebwa eri abakafiiri”.* Era n’agamba omubaka (SAW) mu Hadith nti: "*omuliro gwammwe guno gw'akuma omwaanaadaamu, katundu butundu kukwokya kwa jahannama, nebamugamba nti nebwegwadibadde guno gwokka gwandibadde gumala bumazi okubonereza omuntu n'amatira owange omubaka wa Allah, nabbi n'agamba ogw'enkomelero gwasukkulumizibwa kuguno ebitundu kyenda mumukaaga naye nga gwonna gwokya ng'ogwo".*

Era omuliro gulina emitendera musanvu gyewandiyise amadaala, naye gano ggo gakka

wansi, nga n'amadaala gano buli limu lirina ebibonerezo ebisinga eby'alinnalyo.
Era buli ddala lirina abantu baalyo okusinziira kumirimo gyabwe. Wabula bbo abannanfuusi b'ebagenda okubeera muddaala elisembayo wansi mu muliro era nga lyerisinza ebibonerezo, era ebibonerezo by'abantu b'omumuliro by'alubeerela tebisalwako, omuntu buli lw'alisiriira nagwawo agenda kuddizibwawo abeere nga afunira ddala ebibonerezo n'obulumi bwabyo. Allah agamba mu surat Nisai _56 *"Buli eddiba lweririggwa kumubiri nga lisiridde tugenda kumukyusizaamu eddiba eddala, olwonno alyoke akombere ddala kubibonerezo".*
Era agamba Allah mu Surutu Fatwir aya 32: *"N'abo abaajema balina omuliro jahannam tebagenda kusalibwawo nti oba batuuke bafe kyokka ate nga tebagenda kukendeerezebwa ku bibonerezo by'agwo, bwetutyo bwetusasula buli muwakanyi omukafiiri".*
Era bagenda kubeeramu nga bakaligibwa ng'ensingo zabwe zisibiddwa, nga Allah bw'agamba mu suratu Ibrahim aya 49 egamba.

*"Ogenda kulaba abajeemu olunaku olwo nga bakoligiddwa ku njegere, kyokka n'engoye zabwe zijja kuba zikoleddwa mu muliro nga amaaso gabwe*

*n'ebyenyi by'abwe bibikiddwa omuliro (tolina ky'olaba)".*

Kati ate n'emmere yabwe egenda kubeera zaqquumi (kibala ekikaawa enyo), nga bw'agamba Allah mu suratu Dukhan aya 43-48;

*"Mazima omuti zaqqumu, mmere y'abantu abajeemu egenda kw'eserera (kutokotera) mu mbuto zabwe nga ekyuma ekisanuusidwa, nga okwesera kw'olweje".*

Era omubaka (SAW) anyonnyola obuzibu obungi n'ebibonerezo eri abantu b'omumuliro, ate era nannyonyola ebyengera by'abomujjana nagamba mu Hadith eyawandiikwa Imam musilim:

*"Agenda kuleetebwa omuntu eyasinga okuwangaalira mu by'engera kuno ku nsi mu bantu b'omumuliro olunaku lw'enkomerero, annyikibwe mu muliro olunnyika lumu oluvannyuma bamubuuze nti: owange mutabani wa Adam! Wali olabye yo akalungi konna oba wali olabye ku byengera byonna? Agenda kugamba nti nedda, mazima Katonda wange sifuna ngako yadde akatono. Oluvannyuma baleete omuntu eyasinga okubeera mu bizibu ku nsi mu bantu b'omujjana ayingizibweyoko katono nnyo mu jjana, oluvannyuma bamubuuze nti, abaffe wali olabyeeyo obuzibu bwonna? Agenda kw'anukula nti nedda,*

*ndayira Allah omulezi wange sifunangako buzibu bwonna".*

Kino kiraga nti omukaafiiri agenda kw'erabira ebirungi byonna bye yali afunye ku nsi, ate n'omukkiriza yeerabire ebizibu byonna bye yali afunye ku nsi. Olw'okunnyikibwa kwebagenda okunnyikibwa mu muliro ne mu Jjana ebyo bagenda kubyerabira.

## EJJANA N'EBYENGERA BYAYO:

Ejjana nyumba ya mirembe ya kitiibwa ey'okuberamu emirembe n'emirembe, yagitegekera Allah abaddube abalongoofu, erimu ebyengera ebitalabibwangako wadde okuwulirwako mu matu g'omuntu era omuntu by'atalowozanga nako. Allah agamba mu suratu Sajdah aya 17 nti;

*"omuntu tamanyi ebyo byeyakwekebwa mubisanyusa amaasoge ebiri mu jjana eyo egenda kubeera mpeera ku lw'ebyo abantu byebaali bakola".*

Ejjana eno amadaala gaayo gasiŋŋana nga gagenda waggulu era nga abantu bagenda balinnya okusinziira ku mirimo gy'abwe gyebaakola abakkiriza nga bwagamba Allah mu suratu Mujadilah Aya 11:

*"Asitula Allah abo abakkiriza mu mmwe n'abo abaaweebwa okumanya amadaala"*

Era mu jjana balya era nga banywa nga bwebaagala. Mu yyo mulimu emigga egy'amazzi amawoomu, n'emigga egy'amata agatakyuka mpooma yaago, n'emigga egy'omubissi gw'enjuki omusengejje n'emigga egy'omwenge oguwoomera abagunywa, wabula nga omwenge gw'abakkiriza mu Jjana tegulinga gwa bano abedduniya ogutamiiza. Agamba Allah mu Surat Swaffaat Aya 45 – 47:
*"Bagenda kw'etoolozebwa obwendo bwebyokunywa ebiyonjo, ebyeeru nga biwooma nnyo eri ababinywa tebijja kubaamu kutawanya muntu wadde okukyusa obwongobwe"*.
Era bagenda kufumbizibwa muyo abakyala abalina amaaso ag'endege (Huurul Aini).
Mu hadith eyawandikwa Imaam Bukhar
Agamba omubaka (SAW) nti *"Singa omukyala mu bakyala b'omujjana agezako neyeyolekako eri abantu b'okunsi, ekitangala ekimuvaako kyandiyakayakanyizza ebyo byonna ebiri wakati weggulu n'ensi, era byandijjudde akawoowo akamuvaako".*

Era nga n'ekyengera ekisinga obunene mubyengera by'abantu bomujjana, kwekulaba ku w'ekitiibwa Allah.

Abantu b'omujjana tebagenda kufuka musulo wadde okumala eky'etaago ekinene mukabuyonjo, ng'era webatabavaamu lusu lubi, entuuyo zabwe kawowo, so nga ebyengera byabwe bino tebigenda kukutukawo bya lubeerera ate tebikendeera. Mu hadith eyawandikwa Imaam Muslim;

Agamba omubaka (SAW) nti *"Omuntu aliyingira ejjana agenda kuwebwa ebyengera tagenda kuddamu kufuna buzibu, yadde obunyigo bwonna tezigenda kuyulika engoyeze era tebugenda kugwawo obuvubukabwe".*
N'omugabo gw'omuntu mubantu b'omujjana alisembayo okuva mu muliro mubantu abaalina obukkiriza ajja kuyingizibwa ejjana nga nnungi okusinga edduniya eno yonna n'okujikubisaamu emirundi kkumi.

Tumusaba Allah atuwe ejjana Firdawusi wamu nebakadde baffe nebakyala baffe n'abaana baffe n'abakkiriza bonna. Ameen.

# OMUKYALA MU BUSIRAAMU:

Nga situnnaba kwogera ku ddembe lya mukyala mu busiraamu, tuteekwa okusooka okunnyonnyola ezimu ku ntegeera n'entwala enzikiriza endala ezitali za busiraamu gyezitwalamu omukyala n’ekifo kyezimuwa, era na butya bwezaakolaganangamu n’omukyala nga Sharia y’obusiraamu tennajja.

Abayonaani bbo baalinga omukyala bamutunda nga bw’otunda eby'amaguzi ebirala era nga yye talina ddembe lyonna, oba okwesalirawo kwonna okujjako okusalawo kwona kwali nga kwa musajja.

Era omukyala ono teyakkirizibwanga kusikira muntuwe yenna singa yabanga afudde. Era nga omukyala teyalina buyinza bw'etaayiza era bukozesa senteze nga bwayagala.

Ky’ava agamba omu kuba Kolosoofa baabwe amanyiddwa nga Sakuraatwi, (Socrates) agamba nti; mazima okubaawo kw'omukyala mu nsi y’ensonga era y'ensibuko y'ensi okugwa. N’agamba nti omukyala afaanana nga omuti ogw'obutwa nga kungulu kwagwo ogulaba nga gulabika bulungi naye bwogeza n'ogulyako ofa bufi.

Ate bbo Abaroma (Romans) baali nga bayina enzikiriza egamba nti omukyala ono talina mwoyo era nga gyebali omukyala talina makulu yadde

omugaso gwonna era talina ddembe lyonna era yalinga ŋombo yaabwe nga bagamba nti: omukyala talina mwoyo, era yensonga lwaki bwe baalinga babonereza omukyala, baamusiigangako butto eyeseze (nga ayokya nnyo) ku mubirigwe, era b'amusibanga ku nkondo nga ebisolo, kyokka era oluusi baakwatanga omukyala atalina musango gwonna nebamusiba kumukira gw'eŋŋamiya nebagiddusa emisinde nga bw'emuwalula okutuusa lweyafanga (omukyala).

Kati ate endaba y'abayindi ku mukyala, bbo ate baasukkawo, kuba ate bbo omukyala namwandu (afilidwako bba) nga naye bamwokya mulamu.

Kati ate bbo aba (china) baafaananya omukyala ebizzi ebinaabeemu oba ebyozeddwamu ebintu, era omuchina yalinanga eddembe okutunda mukyalawe nga ebitundibwa ebirala era nga alina eddembe okumuziika nga mulamu.

Ate bbo abayudaaya baatwala nga omukyala nga kikolimo, kubanga yakema Adam n'alya ekibala. Era nga webaamutwalanga nga ennagisi, bw'agenda mu nsongaze ezaabuli mwezi, mbu anagisiwaza enju nabuli kyakwatako, ate era nga tasikira ku kitaawe kantu konna bw'aba nga kitaawe aba alesse omwana omulenzi.

Ate bbo Abakulisitaayo, baamulabanga nga ssitaani. Nga bweyagamba omu ku basajja abakulembeze b’eddini y'obukulisitaayo nti omukyala tatwalibwa mukika kya bantu, era n’agamba *Kadiisu Buuna Fantura* nti bwe mulabanga omukyala temulowoozanga nti mulabe muntu yadde (ekisolo) ky'omunsiko wabula kyemuba mulabye ye ssitaani yennyini era okusiiya omusota kweguba gusiiya (okkulabula obulabe bwegusobola okkutuusaako).

Era omukyala yabeeranga okusinziira mu mateeka g’abangereza okutuuka mu nkomerero y'ekyasa ekyayita nga tabalibwa mu bannansi singa babeera babala abantu, era nga talina ddemberye ng'omuntu, nga talina kikye kyonna paka okutuuka ne ku ngoye z’ayambala. Era paariyamenti ya Scotland, mu mwaka gwa 1567 yayisa etteeka nti; omukyala talina kubaako kintu kyonna kyalinako buyinza. Era paariyamenti ku mulembe gwa Henry ow'okubiri n'emuziyiza okusoma enjiri mbu kubanga nagisi ajja (kuginagisiwaza) kugikyafuwaza. Ne mumwaka gwa 586, aba Faransa baatuuza olukuŋŋaana nga bakubaganya ebirowoozo ku mukyala, bebuuza nti abaffe omukyala ono muntu oba si muntu? Bwebatyo bakkiriziganya nti kale muntu naye yatondebwa kuweereza musajja, n'amateeka g'abazungu mumwaka gwa 1805, nga kikkirizibwa omusajja okutunda mukyalawe.

Wabula ate bbo abawarabu nga obusiraamu tebunajja na sharia yaffe eno gyetulina, omukyala yali anyomebwa nnyo era nga tafiibwako, n'okusika nga tasika era nga talina ddembe lyonna wabula n’abamu mu bo baaziika nga bawala baabwe nga balamu.

Oluvannyuma obusilamu bwajja nebujjawo obuly'azamanya bwonna obwakolebwanga ku mukyala, era nebunnyonyola nti omukyala n'omusajja bonna kyekimu alina edemberye era alina n'obuvunyiizibwa nga n’omusajja bw'alina ebibye.

Agamba Allah mu Suratu Hujurat Aya 13:
“*Abange mmwe abantu mazima twabatonda nga tubajja mu kikazi n’ekisajja (Adam ne Hawa) netubateekamu ebika n’amawanga lwansonga mumanyagane naye mwenna mwe kyekimu era mazima abasinga ekitiibwa mummwe mu maaso ga Allah y’oyo abasinga okutya Katonda, mazima Allah mukenkufu nnyo era mumanyi nnyo”*

Era n’agamba Allah mu Suratu Nisa-e aya 124 nti:

*"Oyo yenna akola emirimo emirungi nga musajja oba mukyala era nga mukkiriza owannamaddala, abonno bagenda kuyingira ejjana, era tebagenda kulyazaamaanyizibwa kantu konna wadde katono katya”.*

Era agamba Allah mu Suratu Ankabut aya 8;

*"Era twalaamira omuntu eri bakaddebe bombi okubayisa obulungi".* Era n'atuyigiriza omubaka mu hadiith eyawandiikibwa Tirimidhi egamba nti:

Agamba omubaka wa Allah Swalla Llaahu alaihi wasallama nti: *"Asinga okubeera n'obukkiriza obujjuvu mu bakkiriza; y'oyo abasinga empisa. Era n'asinga obulungi mu basajja, y'oyo abasinga obulungi mu kuyisa obulungi bakyalabe".*

Era omusajja lumu yabuuza nabbi Swalla Llaahu alaihi wasallama nga bwekiri mu hadiith eyawandiikibwa Imaam Bukari ne Muslim egamba nti:

Agamba nti omusajja yabuuza nabbi Swalla Llaahu alaihi wasallama n'amugamba nti: *"Muntu ki gwemba nsinga okuyisa obulungi? Namugamba nti maamawo, namubuuza nti ate oluvannyuma lwa maama ani omulala? N'amuddamu nti era maama wo, Nabuuza nti ate oluvannyuma lwa maama ani omulala? Namudamu nti era maama wo, Nabuuza nti era oluvannyuma lwa maama ate ani? Namuddamu nti olwo taatawo"*

Eyonno mu bufunze ddala y'endaba y'obusiraamu ku nsonga z'omukyala.

## EDDEMBE LY'OMUKYALA ERIBUNA

Omukyala mu busiraamu ebivunaanwa bye nga bibuna mubyo;

1. Eddembe ly'obwannanyini ku bintubye eby'enjawulo byaba afunye, gamba ng'ebizimbe, amakolero amasamba n'amalimiro oba zaabu ne feeza, n'ebitambula ebyenjawulo, k'abeere nga omukyala ono mukyala mumaka oba senga oba muwala wa gundi oba mwanyina w'amuntu.
2. Eddembe ly'okufumbirwa wamu n'okulonda omusajja gwasiimye awatali kukakibwa, wabula era singa waba wazzeewo ensonga emukosa mu buufumbo nga temusobozesa kubwongerayo, alina eddembe ly'okusaba Talaka n'okweyambulula bba eddemberye mwebyo byonna kkakafu mu busiraamu.
3. Omukyala alina eddembe ly'okusoma, ekyo kyonna Allah kyeyamulaalikako okukimanya, nga okumanya Allah, n'okumanya Ibaada ezenjawulo, n'okumanya enkola yaazo era n'okumanya obuvunaanyizibwa obumukakatako n'empisa gy'alina okweyisaamu, Kulwokubuna kw'ekiragiro kya Allah ekiri mu surat Al-Aaraf aya 31 egamba nti: *"n'olwekyo manya nti mazima teri kigwana kusinzibwa okujjako allah"* Era n'agamba omubaka Swalla Llaahu alaihi wasallama mu hadiith eyawandiikibwa Ibun Maajah omubaka swalla

Llaahu alaihi wasallama yagamba nti: *"Okunoonya okumanya kyatteeka ku buli musiraamu yenna".*

4. Omukyala alina eddembe okusaddaaka mu mmaliye ekyo ky'aba ayagadde era n'okujjamu ekimuyamba ye kennyini ky'aba ayagadde okwetuusako akikozese oba ky'aba ayagadde okuwa bba oba abaanabe oba taatawe oba maamawe ebbanga ly'amala nga tatuuse ku ddaala lya kudiibuuda, wabula embeeraaye mw'ekyo eky'okudiibuuda era kyekimu n'omusajja naye mu kugaanibwa.
5. Era alina eddembe ly'okwagala nokutamwa. Gamba ayagala abakyala abalongofu era n'abalambula kulw'okusiima kwa bba singa abeera nga mufumbo, era naabawa ebirabo. Era alina eddembe ly'okubatumira n'okumanya embeera yabwe era n'okubakubagiza mu buzibu bwebaba baguddemu. Era nga bw'alina eddembe okutamwa abakyala abonoonefu n'okubanyiigira n'obbasenguka ku lwa Allah.
6. Era alina eddembe ly'okuleka ekiraamo, n'alaama obutakisukka ekimu eky'okusatu mu mmaliye nga alaamira, oba agabira gw'aba ayagadde k'abeere nga mulamu. N'oyo aterese ekilaamokye, kituukirizibwe awatali muntu yenna kukiziyiza kubanga okulaama kw'abantu bonna nga bwekubeera ku basajja era n'abakyala nabo

bakkirizibwa, kuba tewali n'omu mubo atayagala mpeera kuva wa Allah.

7. Omukyala era alina eddembe ly'okwambala kyayagala mu zaabu ne feeza wabula ate bino byombi byaziyizibwa eri omusajja, okujjako nti omukyala mu kino tateekwa kwambala byakwewunda ebyo nga ayolesezza eby'okwewundabye eri abasajja abatamuzira kufumbirwa, era takkirizibwa kwambala ngoye nyimpi wadde enfunda oba okubikkako omutwe gwokka, oba okubikkula ensingoye n’ekifubakye okujjako eri abo abakkirizibwa okubitunulako.

8. Era omukyala ddemberye okwewundira bba nassaako wanja n'awunda emimwagye n'agisiiga bw'aba ayagadde naye nga asiigako ekyo ekitali haraamu, era waddembe okwambala eby'okwewunda ebirungi mu zaabu ne feeza nengoye ennungi ezo ezaamukkirizibwa, okujjako ebyo ebimanyikidwa nti byambalwa bakyala batali bakkirirza (abatali basilamu) oba ebyo ebimanyidwa nti byambalwa bakyala abonoonefu era abagwenyufu, ebyo omukyala omukirirza tateekwa kubyambala k’abeere nga agenda muby'amasanyu nga embaga n'ebirala.

9. Era omukyala alina eddembe ly'okulya n'okunywa ky'ayagala era tewali njawulo wakatiiwe n’omusajja mu kulya n'okunywa ebyo obusiraamu

byebwakkiriza, byakkirirzibwa eri bombi, omusajja n'omukyala balamulwa kyekimu, ate n'ebyo ebyabagaanibwa era bombi baabiziyizibwa, nga Allah bw'agamba mu surat Araafu ayah 31: *"Allah tayagala badiibuuzi*". N'olwekyo eno nsonga kukilagiro kino ebuna empuyi zombi.

10. Era ddembe lye omukyala okusika n'okusikira.

## EDDEMBE LY'OMUKYALA OKUVA ERI BBA

Omukyala alina eddembe ly'ateekwa okufuuna okuva eri bba nga byatteeka okubeera nga bba abimukolera era nga bibeera kyekimu ng'omusajja naye bwayina ebibye okuva eri mukyalawe, gamba ng'okumugondera okutaliimu kujeemera Allah n'omubakawe, okutegeka eby'okulya by'omusajja n'ebyokunywabye, okulongoosa enju, okuyonsa abaana b'omusajja, n'okubagunjula n'okukuuma emmaaliye n'okukuuma ekitiibwakye n'okweteeka mu ndabika ennungi okubeera nga alabikira bba bulungi n'okumwewundira nabuli kyonna ekiwunda omukyala n'alabikira bulungi bba ebbanga lyekimala nga sikya haramu.

Era ate wano tulaba eddembe ly'omukyala omusajja lyalina okumukolera nga bikakata ku musajja. Nga Allah bw'agamba mu surat Baqara aya 228

*"N'abakyala nabo balina ebivunaanwa abasajja obbakolera nga nabo bwebalina ebibavunaanwa okkolera ba bba baabwe nga bonna babikola mu ngeri ya buntubulamu".*

N'olwekyo wano tubimunnyonyola omukyala omukkiriza abimanye era abisabe bba nga teyeekomomma wadde okutya era kikakata ku musajja okubituukiriza eri omukyala mubujjuvu okujjako nga omukyala y'asonyiye ebimu ku byo, ekyo n'omukyala naye akkirizibwa okusonyiwa ebimu kubyo.

**1.** Okumulabirira okusinziira ku busobozi omusajja bw'alina (mu mmali, mugagga oba mwavu) gamba nga okumwambaza, okumuliisa n'okumunywesa wamu n'okumujjanjaba ssaako n'okumusuza.

**2.** Okumukuuma natatuukwako buzibu kukitiibwa kye n'omubirigwe n'emmaliye n'eddiniye, n'olwekyo omusajja alina okubeera owamagezi n'akuuma mukyalawe era amanye nti kiri mu byetteeka ebimuvunaanwa okukolera mukyalawe...

**3.** Okumusomesa eddiniye naddala ebintu ebyetteeka ku buli musiraamu okubimanya nga

Aqeedah, Ibaada n'enkola yazo wabula singa gwe kennyini tosobola, omuleka n'omukkiriza oba n'omukubiriza n'agenda mu misomo gya bakyala, bakyala bannaabwe mwebabasomeseza eddini yabwe mu mizikiti oba mu masomero n'ewalala ebbanga ly'amala nga omukyala oyo okugenda okusoma gyalaga ajja kuwona ebikemo byayo. Era nga ajja kuwona obubenje bwayinza okusangayo nga budda eri yye ng'omukyala oba bbaawe.

**4.** Okumuyisa obulungi, nga bwagamba Allah mu suratu Nisaai aya 19; *"Abakyala muwangale nabo mu mbeera ya buntubulamu".*

Era kiri mu kuyisa bulungi omukyala okubeera nga omuwa essanyu elijjuvu mumikolo gyammwe egy'obufumbo, era n'okwewala okumunakuwaza mukumuvuma, okumukakkanya, n'okumuswaaza, era kiri mukumuyisa bulungi okubeera nga tomugaana kugenda kulambula baŋŋandaze singa obeera nga totidde nti bwagendayo waliyo ebikemo byajja okugwamu. Era toteekwa kumulagira ky'atasobola kukola era n'okulongoosa enjogelayo gy'ali n'ebikolwabyo bibeere nga birungi tebimunakuwaza.

Nga bwagamba omubaka swalla Llaahu alaihi wasallama mu hadiith eya wandiikibwa Tirimidhi nti:

Agamba omubaka Swalla Llaahu alaihi wasallama nti: *"Abasinga obulungi mumwe yooyo abasinga okuyisa obulungi abantu be, nange nze mbasinga okuyisa obulungi abantu bange".*

## OKWEBIKKIRIRA (HIJAAB)

Obusiraamu bwakuuma obutebenkevu bwa famile ensiraamu era nebujikugira okulaba nga teyeyuzayuzaamu nakuzikirira oba okubula nebugyetooloza emiziziko emigumu nga okkubiriza empisa ennungi olw'emitima okubeera nga gikuumibwa nga miramu, era n'abantu babeere bayonjo banyweevu mu ddiini yabwe abatasobola kutwalibwa naby'abwagazi, era abatasobola ku kkiriza kujjibwamu bintu by'abugwenyufu.

Bwebutyo bwateekawo ebiziyiza embeera yonna eleetera abantu okugwa mu bikemo, bwebutyo nebulagira okukakkanya amaaso kunjuyi zombi olw'omusajja n'omukyala.

Era nebulagira omukyala okwebikkirira buli lw'aba eri abatamuzira kufumbirwa era nga kino gyali omukyala kwali kumukuumira mukitiibwa kye Allah kyeyamuwa, n'okumwewaza okugwa mubikemo era n'okumwesambya okulumbaganwa abonoonefu n'abo abalina emitima eminafu, n'okumukuuma okumuwonya abo abatamanyi kitiibwa kye wadde

okumulabamu omugaso oba obuzito bwonna, n’okuggalawo omulyango gw’ebikemo ebyo ebireetebwa okuyita obwereere n’okwolesa eby'okwewunda, bwebutyo kwekumwetolooza seŋŋenge (olukomera) olw'okumukuumira ekitiibwa n’ensaaze.

Mazima obusiraamu bw'alaalika (HIJAABU) okwebikkirira nga bwagala omukyala akuumirwe mu bulamu bwe obwekitiibwa kuba era ekimanyiddwa nti omukyala bw’akula obulungi bwe bukendeera, era omusajja singa afuluma n’atambula ku makubo gyayita n'asangayo abaana bawala abato abali mu myaka egyekivubuka nga beewunze olw’ewunda olw'awaggulu, omusajja ono bwadda ewaka atandika okugerageranya wakati w’abawala abo b’alabye n’owuwe awo naawe lowooza ekiddirira. Mu mbeera efaanana etyo, amaka mangi g'onoonese negasattulukuka, kati bwebutyo obusiraamu nebuba nga bulina okukuuma embeera eyo obutabeerawo.

# OKUWASA ABAKYALA ABASUKKA KW’OMU:

Okuwasa abakyala abasukka kw'omu kwabeerawo okuva omuntu bweyabeerawo era nekubeerawo okuva nekumateeka agasooka, ne mubantu abasooka gamba nga mubayudaaya, n’abakuristaayo, abayindi, n’abalala era nga kumirembe egyo kwali okuwasa abakyala abasukka kw’omu nga tekulina kikomo, omuntu nga yali awasa abakyala bonna b’ayagala, wabula nga mu mpisa yabwe eyo yali nga omukyala oluusi aly’azamanyizibwa mu bintu nensonga ez'enjawulo.

Bwebutyo obusiraamu webwajja ne Sharia yabwo eno ennungi nebussaawo amateeka agayamba n’okukuuma obwenkanya era nebussaawo ekkomo kumusajja nebamugaana okusukka abakyala abana (4).

Era tebwakoma awo bwebwamukkiriza abakyala abana, era bwassaawo obukwakkulizo nga n’akamu kubwo ate nga kakulu, ke k'obwenkanya wakati w’abakyala abo era nebwewaza nesekwewaza omusajja yenna okusukka ensalo mukakwakkulizo ako era nebumuteerawo ebibonerezo ebyamaanyi omusajja yenna an’asukka ensalo muko.

Ate osaana okimanye nti tebwamala gakkiriza musajja kuwasa bakyala basukka kwomu watali nsonga naye bwatunula wala nnyo kubanga waliwo

embeera ezigwawo nga za nnaakolantya ez’obuwaze nga omusajja ateekwa kubeera n’abakyala basukka kw’omu.
Okugeza singa omukyala gwebawasizza asiŋŋaanibwa nga mugumba tazaala oba mulwadde n’ebirala, abaffe ekisinga okuyamba omukyala oyo gwebawasizza nebasanga nga tazaala kumugoba agende oba kumuleka nebamuwasizaako omukyala omulala?
Era omuntu alina okukimanya nti okuwasa abakyala abasukka kw’omu kirimu obulungi nga sibwamuntu sekinnoomu, wabula budda n’eri Ummah abantu bonna olw'okukendeeza ku muwendo gw'abakyala ate nga bbo abasajja batono nnyo olw’ensonga ezenjawulo ezibakendeeza gamba nga entalo n’ebirala kuba okugeza olutalo lwensi yonna lw’aleka banamwandu millions abiri muttaano mu Europe mwokka, abaffe olaba nga ekisinga abakyala bano bonna kw’ekusigala nga tebalina basajja oba okubeera abakyala namba bbiri?
Era waagwawo okw’ekalakaasa kw’abakyala muggwanga lya Germany oluvannyuma lw’olutalo lw’ensi yonna olw’okubiri mu mwaka 1945 nga abakyala basaba nti wateekebwewo amateeka agakkiriza okuwasa omukyala asukka kwoomu olw’okutaasa omukyala omu Germany

obutakkakkanyizibwa olw'okumuteekanga mu bwenzi buli kiseera.

## OBUSIRAAMU BUTWAGALAMU KI?

Obusiraamu tebusaba musiraamu nti bwabuyingira aba abeera aviira ddala ku nsi omulundi gumu, takola era tanoonya byanfuna. Era tebumugamba nti abeere mu muzikiti tafuluma. Era tebumugamba abeere mu bifo ebisinzibwamu obulamu bwe bwonna, nedda, Wabula ekituufu obusiraamu bwetaaga omusiraamu abeera muddembe ly'enkulaakulana era nga muby'obugagga nga y,omu kubannagagga nga nemubuyivu nga yemumanyi asinga abamanyi.
Era omusiraamu okubeera nga amanya eddembe ly'omubirigwe okuguliisa eby'okulya ebirungi ebigusanyusa, era n'okuguzannyisa emizanyo egigugasa era omubiri ogwo n'okugusanyusa munsonga z'omukwano ebbanga lyegumala nga tegusanyusiddwa mubyaziyizibwa, era gulina eddembe ly'okulonda n'okubeera n'emikwano emirungi era n'okubeera n'abaana n'okubalera obulungi, n'okubaluŋŋamya eri ebirungi n'obukwatampola era n'okubeera nga awangalira mu bantu n'okubakolera ebyo ebirongoosa society zabwe era nga bwabeera alina okumanya ku ebyo ebivunaanwa bya Allah mukumw'awula

n’okumusinza nga tagattidwako kintu kirala kyonna ewamu n’okumugondera.
Era butuyigiriza obusiraamu nti mazima Katonda yemufuzi w’eggulu n'ensi era akola kyonna kyaba ayagadde muyo nga waddembe tewali amubuuza, nga era omufuzi bw’aba n’eddembe kwabo baafuga awa obulamu n’okutta natta.
Abaffe waliwo omuntu yenna ayinza okwejjako okufa nti tajja kufa? Era neyesalirawo okubeera ku nsi kuno emirembe n’emirembe? era kimanyiddwa nti omuntu alwala n'awona, abaffe waliwo omuntu ayinza okuwona nga Allah tamuwonyezza?
Era Allah amma omuntu obugagga n'amugezesa n’obwavu abaffe waliwo ayinza okumugagaggawaza atali yye Allah.
Ebizibu bigwa mu bifo eby'enjawulo mu mawanga agenjawulo gamba nga musisi, amataba n'ebirala, abaffe ani oyo ayongeza amazzi negaba mangi eri abantu abo nebatuuka okumulaajanira? Era ani agabira omuntu ono abaana abawala ate oli n’amuwa balenzi? Era n’afuula gwaba ayagadde okubeera omugumba? Abaffe asobola oyo agabiddwa abawala bokka okukyusa n’azaala n’abalenzi!? Era abaffe oyo atazaala omugumba asobola okwekyusiza yekka n’azaala?
Allah ali omu yekka y’asalawo okufa kw'abuli muntu akisalawo nga abantu bakyali namumbuto, obanga

bato n'awanvuyiza abamu obuwangaazi nebatuuka nemubukadde. Era y'asindika empewo n'obunnyogovu mu nsi mw'aba ayagadde, era n'asindika empewo nebbugumo eri abo baaba ayagadde era y'asindika musisi, nga bino byonna bintu ebirabwako so nga omuntu talina nakimu kyayinza kubaako ky'akyuusa ku kugwawo kwabyo oba okubitangira.

N'olwekyo n'ebyokulabirako ebyo bireetera abantu okukkiriza nti Katonda ye Kabaka waba Kabaka era atambuza ensi eno era omufuzi waayo.

Naye abaffe ekyo kimala omuntu okubeera omukkiriza? Nedda ekyo tekimala kyokka, wabula omuntu ateekwa okukkiriza nti Allah yekka y'asinzibwa mubw'omubwe nga tagattidwako kintu kirala kyonna, era bw'amanya nakkiriza nti Allah asinzibwa waali, nti era yemulezi w'ebitonde, nti era ye Kabaka waba kabaka, era tagattibwako mulala yenna mukumusinza era tewali yenna alina kukolerwa Ibaada yonna mu Ibaada, olwonno omuntu oyo abeera musiraamu.

Okukkiriza nti Katonda ye mulezi w'ebitonde nti era yemufuzi wensi, ogwo mulimo mu mirimo gy'amutima nga ebeera nzikiriza omuntu gyakkiriza, wabula okukkiriza nti ye Katonda Takoma kukumanya nti ye Katonda kyokka, wabula kiba kirina okkutwala eri empisa n'emirimo emirungi

n’okukola Ibaada ezenjawulo n’okwawula Allah muzo, naye singa oli yeewala okusinza Allah oba n’amusinza nga ate bw’amugattako ebisinzibwa ebirala, awo tabeera mukkiriza nti Allah yemulezi w’ebitonde era omufuzi wensi.
Omutima ogukkiriza Katonda nti y’awa obuyambi era n’obubi bwonna buva gyali, nti era okuhalalisa n’okuharamisa, okwagala okwenkomeredde wamu n’okutya okwenkomeredde n’okugonda okwenkomeredde byonna bino bya Allah yekka, era nekijjula mu kifubakye okugulumiza Allah era nafumintiriza ku makulu g’ekigambo "Allahu Akibar" Allah y'asinga obunene era n'atoniya mu mutima gwe ekyo kyonna ekirala ekitali Allah, obwonno bwe’bukkiriza obwanamaddala.
Era emirimo gy'omuntu bwegyabeera nga gitambulira mu mbeera eyo eraga okugulumiza Allah mu mutima gwe okwenkomeredde nga okusaba, n’okusaala, n’okukutama ku maviivi, n’okuvunnama, n’okwetema naziri, n’okusala, n’okutendereza Allah n’okumwawula.
Mazima emirimo gino omukkiriza tagikola okujjako ku lwa Allah, tasaala okujjako lwa Allah, era tavunnama okujjako ku lulwe, era tagamba eri mulala atali Allah nti wayawukana, era tanoonya kusonyiyibwa mazambi okujjako okuva gyali Allah kubanga bino byonna by'oleka okugulumiza

okwenkomeredde omuntu kw'alina so nga ekyo ky'ekyama ky'okusinza Allah.

## OBUSIRAAMU BUMENYAWO BYONNA EBYABUKULEMBERA:

Mu bulungi n'okusaasira kwa Allah okwensusso yafuula obusiraamu okubeera nga busangulawo byonna omuntu by'abeera yakola olubereberye nga tannasiramuka mubyonoono n'obujeemu omuntu yenna nga abadde mujeemu, olunaku lwasiramuka olwo Allah amusonyiwa byonna byaba yakola munnaku z'obutabeera musiraamu, n'abeera nga atukuziddwa nga talina zzambi lyonna nga alinga olunaku lwebaamuzaala.
Era omuntu singa Allah amuwa ekyengera ky'obusiraamu nga abadde akoze sente ze naye nga za haram, sente ezo zo gyali ziba za halaali era abeera tazirinaamu musango gwonna zibeere nga azisigazza nga yye oba azisaddaase, ziba tezirina mutawaana wadde ezo zeyawasaamu kubanga Allah agamba mu Suratu Anifal Aya 38 nti:
*"Bagambe abo abakafiiri nti singa munaaba mukomezza ebyo byemubaddemu (eby'okusinza ebirala ebitali Allah), mugenda kusonyiyibwa ebyo ebyasooka",*

Ebyo ebyasooka kitegeeza nti byonna biba bibasonyiyiddwa wabula nga yyo emmaali gyeyabba kunyiniyo, eyo yyo abeera ateekwa okugizzaayo ewa nannyiniyo naye eyo gyeyakola nga tanasiramuka naye nga eyise mu makubo ag'okumala okukkiriziganya ne banne, eyo teba nabuzibu k'ebeere nga yali ya Haraam gamba yatunda mwenge oba yali mukyala nga yetunda, oba nga yali alya ribba oba okutunda enjaga, eyo ebeera y'ahalali gyali nga asiramuse.

Ate n'omulyango gw'okwenenya muggule mu busiraamu omuntu singa akola ebyonoono, asaana omuddu omusiraamu ayanguwe mangu okudda eri okwenenya, era omuntu bulijjo abeera n'obwetaavu eri okwenenya kubanga ffenna abaana ba Adam tugwa mu nsobi nga bwagamba omubaka (SAW) mu Hadith nti: *"Buli mwaana wa Adam asobya, naye omusobya asinga obulungi y'oyo ategeera ensobiye ney'enenya".*

N'olwekyo bweyabeera omuntu nga talina bukuumi bumugaana kugwa mu nsobi bwatyo Allah yaggulawo omulyango gw'okwenenya eri abaddu be, era nga bwagamba mu Suratu Zumara nti:

*"Bagambe nti abange mwe abaddu bange abamaze okw'onoona temukutukawo n'okusaasira kwa Allah, mazima Allah asonyiwa amazambi gonna era mazima yye musonyiyi omusaasizi".*

# NGERIKI GY'OYINGIRAMU MU DDIINI Y'OBUSIRAAMU?

Oluvannyuma nga omaze okutegeera obukulu bw'eddiini y'obusiraamu era n'omanya nti lyekkubo lyokka omuntu mwateekwa okuyita afune okuwona n'okwesiima eri Allah, era nti okubuyingira kyateeka kubuli muntu nti era tewali kkubo muntu ly'agenda kuyitamu ayingire ejjana n'okuwona omuliro olunaku lw'enkomerero okujjako nga amaze kuba musiraamu.

Olwonno osaana obuuze ngeriki omuntu gy'ayingiramu obusiraamu? N'okwanukula ekibuuzo ekyo nkugamba nti: Bwoba oyagala okuyingira obusiraamu tolina bingi okujjako, okukkiriza n'oyatuza n'olulimi nti tewali asinzibwa mu mazima okujjako Allah era n'okkiriza n'oyatuza n'olulimi nti nabbi Muhammadi (SAW) mubaka wa Allah, bw'omala olwo n'otandika okusoma eddiini y'Obusiraamu n'okubeera nga by'osomye obiteeka munkola, gamba nga esswala n'okugissa munkola, n'ebirala. So nga n'ebitabo ebinyonnyola Ibaada ez'enjawulo bingi mu matundiro g'ebitabo ne mu bifo webasomeseza n'okusaasaanya Obusiraamu.

# EBITABO BYETUJJEMU EKITABO:

1. EDIIN y'obusiraamu; ekyategekebwa SHEIKH FAHAD BUN MUHAMMAD MUBARAKA.
2. Ekkubo eri Obusiraamu; eky'Owekitiibwa SHEIKH MUHAMMAD BUN IBRAHIM AL-HAMAD.
3. Manhaj Ta-Aliim Li Usura Wal-Mujitama-a; ekya Maktabu Jaliat E Zulfah.
4. TA-ARIIF AAM BI-DDIINI AL ISLAM; ekya SHEIKH ALI TWANTWAWI
5. ENSISINKANO ENZIGULE ne SHEIKH MUHAMMAD IBUN SWALEH AL UTHEIMEEN

# Ebirimu

LWAKI TWATONDEBWA: ........................................6
OBUSIRAAMU KYE KI?..........................................7
EKY'AFAAYO KY'ENTANDIKWA Y'OKUTONDEBWA KW'OMUNTU ........................................................8
MUHAMMAD ................................................. 13
Ekikaakye N'obulamubwe ................................... 13
EZIMU KU MPISA ZA NABBI MUHAMMADI (SAW): 22
OKUKKIRIZA BAMALAYIKA: ................................ 31
OKUKKIRIZA EBITABO: ...................................... 32
OKUKKIRIZA ABABAKA:...................................... 34
OKUKKIRIZA OKUGERA: .................................... 37
(IBAADAH) OKUSINZA........................................ 39
MU BUSIRAAMU:................................................ 39
EMPAGI Z'OBUSIRAAMU:.................................... 40
EBIMU KUBILUNGI BY'EDDIINI Y'OBUSIRAAMU:.. 55
MU BYEBULAGIRA N'OKKUBIRIZA:...................... 55

OBUSIRAAMU MU BYEBWAZIYIZA: .................... 57

OLUNAKU LW’ENKOMERERO: ............................ 62

ENTAANA. ....................................................... 67

OKUYIMIRILAWO KW'ENKOMELERO N’OBUBONERO BWAYO: ........................................................ 71

OMULIRO N'EBIBONEREZO BYAGWO: ................. 75

EJJANA N’EBYENGERA BYAYO: .......................... 78

OMUKYALA MU BUSIRAAMU: .............................. 81

EDDEMBE LY’OMUKYALA OKUVA ERI BBA .......... 89

OKWEBIKKIRIRA (HIJAAB) ................................ 92

OKUWASA ABAKYALA ABASUKKA KW’OMU: ........ 94

OBUSIRAAMU BUTWAGALAMU KI? ..................... 96

OBUSIRAAMU BUMENYAWO BYONNA EBYABUKULEMBERA: ...................................... 100

NGERIKI GY’OYINGIRAMU MU DDIINI Y’OBUSIRAAMU? ............................................ 102

EBITABO BYETUJJEMU EKITABO: .................... 103